الدلائل في حكم موالاة أهل الإشراك

OBUJULIZI OBULAMULA OYO AKWAANA ABAKAAFIIRI

Abdullāh ibn Ādam Faqeer

As'habul Kahfi Media

الدلائل

في حكم موالاة أهل الإشراك

OBUJULIZI OBULAMULA OYO AKWANA ABAKAAFIIRI

‘Abdallāh ibn Ādam Faqeer
(Rahimahullāh)

As'habul Kahfi Media

Ebiri mu Kitabo

EBIKWATA KU MUWANDIISI 4

ENNYANJULA 5

EMBEERA Y'ABALEKULIRA MILLAT IBRĀHĪM 6

OMUSIRAAMU AKAKIDDWA (MUKRAHU) Y'ALIWA? 7

OBUJULIZI KU MBEGA KALINKWE (WAZAGA) 9

Obujulizi 1: (Al-Baqarah: 120) 9

Obujulizi 2: (Al-Baqarah: 217) 10

Obujulizi 3: (Aal-Imrān: 28) 11

Obujulizi 4: (Aal-Imrān: 149) 12

Obujulizi 5: (Aal-Imrān: 162) 13

Obujulizi 6: (An-Nisā': 97) 14

Obujulizi 7: (An-Nisā': 140) 16

Obujulizi 8: (Al-Mā'idah: 51) 18

Obujulizi 9: (Al-Mā'idah: 80) 20

Obujulizi 10: (Al-Mā'idah: 81) 21

Obujulizi 11: (Al-An'ām: 121) 22

Obujulizi 12: (Al-A'rāf: 175) 23

Obujulizi 13: (Hūdu: 113) 24

Obujulizi 14: (An-Nahl: 106-107) 25

Obujulizi 15: (Al-Kahf: 20) 28

Obujulizi 16: (Al-Hajj: 11) 29
Obujulizi 17: (Muhammad: 25-28) 32
Obujulizi 18: (Al-Hashr: 11-12) 35
Obujulizi 19: (Al-Mujādilah: 22) 39
Obujulizi 20: (Al-Mumtahinah: 1) 41
Obujulizi 21: Hadith ya Samurah Ibn Jundub (Radhiallahu 'Anhu) 42
OKUFUNDIKIRA 43

WEETEGEREZE ENSONGA ZINO 44

Mudārāh ne Mudāhanah 44
Mukrahu 45
Dhwālimīn 47
Baghdhwā' 47
Ekyafaayo kya Swahābah Ammar Ibn Yāsir (Radhiallahu 'Anhu) 48

EBIKWATA KU MUWANDIISI

Ye Imām Sulaymān Ibn ʻAbdillāh Ibn Muhammad Ibn ʻAbdil-Wahhāb (rh) – muzzukulu wa Mujaddid, Shaykh-ul Islām Muhammad Ibn ʻAbdil-Wahhāb (rh). Amanyikiddwa nnyo olw'ekitabo kye ekyatiikirivu, "Taysīr Al-Azīz Al-Hamīd Sharh Kitāb At-Tawhīd". Yazaalibwa mu mwaka 1200 e Ad-Dir'iyyah, ekibuga ekikulu ekya Salafiyyah, mu kiseera wekyaali kituumbidde n'abamanyi ab'amaanyi. Yakwata (hifdhu) Qur'ān n'asoma ne al-Farā'idhu (amateeka agafuga emmaali y'obusika) okuva ku Shaykh ʻAbdur-Rahmān Ibn Khumūs (rh).

Shaykh Sulaymān Ibn ʻAbdil-Wahhāb yali wanjawulo nnyo mu kumanya (al-ilm) kwe, era yali kabonero era eky'okulabirako mu kukwata (hifidhu) n'amagezi amoogi. Yalina okumanya okwewala ennyo mu misomo gya Ahaadīth, abaazogera, amakubo gaazo, eziri Swahīh, Hasan, n'eziri Dha'īf – n'ekituuka ne ku ddaala nga kyayogerwanga nti, "Yaasinga okumanya aboogezi ba Ahadīth bw'omugerageranya n'abalala mu nsi ye." Yali ʻĀlim, Faqīhi, Mufassīr, era Usūlī. N'empaandiikaye yali nnungi nnyo era tewali n'omu y'ali amwenkana ku mulembe gwe. Era Shaykh (rh) yayatiikirira nnyo olw'okubeera omukakali era omunyweevu ennyo ku Mazima (al-Haqq), ne mu kulagira empisa ennungi n'okuziyiza empisa embi, era yali amanyikiddwa nnyo olw'ebbuba (ghīrah) lye ku Busiraamu.

Waliwo ebitabo eby'amaanyi bingi nnyo ebyawaandikibwa Shaykh, akugeza nga;

- "Ad-Dalā'il Fī Hukm Muwālāt Ahl Al-Ishrāk" (ekikuli mu maaso kati).
- "Awthaq ʻUra Al-Īmān". Ekikwata ku Obw'etteeka n'obulungi bw'okukwaana (Muwālāt) ba Mu'minīn, okubeera omwesigwa gye bali, okubaagala n'okubayamba.
- "Hāshiyat ʻAlā Al-Muqni' Fī Al-Fiqh", etumizingo esa.
- "At-Tawdhīh ʻAn Tawhīd Al-Khallāq". Abamu bagamba nti ekitabo kino kyawandiikibwa Imām Sulaymān (rh), naye kyandibanga si kituufu. Ekituufu kiri nti kyawandiikibwa kitaawe wamu n'abamanyi abalala babiri; soma ekitabo "Da'āwā Al-Munāwi'īn".

Mu mwaka 1233, oluvannyuma lwa Abraham Pasha (ey'ali) Omuyonaani – mutabani wa Mahomet Ali – okulumba ebitundu bya Buwarabu (Arabian Peninsula) n'okukola obulumbaganyi ku ba Muwahhidīn, n'oluvannyuma lwa ba Ottomans okusaanyaawo ekibuga ekikulu (okutemula abatuuze bakyo) ekya abamanyi Abasiraamu e Ad-Dir'iyyah; abantu abamu baakoobana (okwegatta nabo n'okubakwana, n'okubakolera) ne Abraham Pasha ne balyaamu ba Muwahhidīn

olukwe. Abraham Pasha kye yava ayita Shaykh embuga, n’amuleeta mumaaso g’olukunngaana lw’abantu olunene ennyo. N’alagira ebintu bingi eby’obukaba n’obwonoonefu okuleetebwa/okukolebwa mu maaso ga Shaykh, nga agendereramu okumunakuwaza awamu n’okumunyiiza. Enkomerero ya byonna, Abraham Pasha yalagira abaserikale be bakomerere Shaykh ku musaalaba n’emisumaali, n’oluvannyuma bamukube amasasi. Abaserikale be baakuba Shaykh amasasi n’agagumira okutuusa lwe gayuzayuza omubiri gwe gwonna. Oluvannyuma omutwe gwe (baagutemako) ne gutwalibwa nga ekirabo mu kibuga ky’aba Ottomans ekikulu - Istanbul. Okufuna ebyafaayo bya Imām (rh) mu bujjuvu, soma ekitabo ’Ulamā Najd (1/293), ne Al-A’lām (3/129) awamu ne ‘Unwān Al-Majd Fī Tārīkh Najd.

مِّنَ ٱلْمُؤْمِنِينَ رِجَالٌ صَدَقُواْ مَا عَاهَدُواْ ٱللَّهَ عَلَيْهِ فَمِنْهُمْ مَّن قَضَىٰ نَحْبَهُ وَمِنْهُمْ مَّن يَنتَظِرُ وَمَا بَدَّلُواْ تَبْدِيلاً

“Mu bakkiriza mulimu abasajja abakakasizza (ne batuukiriza) ekyo kye baalaganyisa Allāh. Mw’abo mulimu abo abaatuukiriza obweyamu bwabwe (ne babumaliriza n’okufiira mu Jihād), ate mu bo mulimu abo abalindirira (oba bafiirira Eddiini ne bafa nga balwana); era tebaakyuusaako (ku bumalirivu bwabwe) kukyuusa kwonna.” (Al-Ahzāb: 23)

Tusaba Allāh (SWT) asaasire Imām amukkirize era amwanirize nga Shahīd mu Kkubo Lye. Era olw’ensonga eyo (okumutemula), Imām teyasobola kumalirizza Sharh ya “Kitāb At-Tawhīd”.

ENNYANJULA

Okuvvunulwa kuno okwa “Ad-Dalā’il” kukoleddwa nga kusinziira ku Tahqīq ya Shaykh Al-Walīd Ibn ‘Abdir-Rahmān Ibn Muhammad Āl Furyān (rh). Yagamba nu nnyanjula ya Tahqīq ye; “Al-Walā’ ne Al-Barā’ misingi ebiri emikulu ennyo mu mpagi z’Obusiraamu. Era kwe kweyoleka (n’okwolesa) kw’enjawulo wakati wa ba Ahlu As-Sunnah Wal-Jamā’ah ne ku bibinja ebirala. Era ekyo kiva ku kubeeranga (Aqīdah ya Al-Walā’ ne Al-Barā’) ky’ekimu ku byetaago ebikulu ennyo ebya Lā Illāha Illā Allāh.”

Era ekitabo kino kiri ku mulamwa gw’abo abayambaaba kuffāru ku Busiraamu (amakulu ba murtaddīn ba wazaga babwe). Kyawandiikibwa Shaykh Sulaymān Ibn ‘Abdillāh (rh) abakaafiiri ba murtaddīn aba Ottoman Empire wamu ne bannaabwe abamisiri (Egyptians) bwe baalumba ebitundu bya ba Muwahhidīn mu kyombo kya Buwarabu (Arabian Peninsula).

Shaykh Nāsir Ibn Hamad Al-Fahd (fa) yagamba mu kitabo kye "At-Tibyān"; "Wakati w'emyaka 1226 ne 1233, amagye (ga ba Ottomans) gaakola obulumbaganyi ku bitundu bya e Najd nga gagendereramu okukomya Da'wah ya Tawhīd. Mu kiseera ekyo, bangi nnyo mw'abo abaali beebalira mu Busiraamu baayamba amagye amakaafiiri mu kulwanyisa Abasiraamu. N'olw'ekyo abamanyi ba e Najd baakola okulamula (Fatwa) nti buli yenna ayamba (Mudhwāharah) aba kuffāru (ku Busiraamu), abeera akaafuwadde (murtadd). Olwo Shaykh Sulaymān Ibn 'Abdillāh Āl Ash-Shaykh (rh) n'akunngaanya ekitabo "Ad-Dalā'il". Era mu kyo n'alagala n'okunnyonnyola obulungi ennyo nti oyo yenna akobaana (Mudhwāharah) n'abakaafiiri abeera akaafuwadde.Era ku mulamwa ogwo n'annyonnyola obujulizi (obw'emirundi) abiri mu gumu." - "At-Tibyān Fī Kufri Man A'ān Al-Amrīkān" – amakulu "Okunnyonnyola Obukaafiiri bw'oyo ayamba Amerika/Abamerika." (pg. 66-67). Era kukikwatagana n'ensonga ya Mudhwāharah (okuyamba abakaafiiri ku Busiraamu/Abasiraamu), tewaliiwo kitabo kyonna kyakikulembera yadde oluvannyumma lw'akyo, nga kinnyonnyola bulungi nnyo ensonga eyo. Era ba Imām ba e Najd baalagiranga ba Tullāb Al-'Ilm (Bamaseeka abayizi) okubeera nga ekitabo ekyo bakikwaata (hifdhu), olwo kibeere nga ky'ekiri ku nsongezo z'ennimi zabwe ("alā dhwahr al-qalb" – amakulu "embega w'omutima"). Era y'esonga lwaki Shaykh Al-Walīd Āl-Furyān (rh) yagamba, nti; "Shaykh Al-Mu'ammar 'Abdul-'Azīz Al-Murshad ekitabo ekyo – amakulu obulizi obwo yabusoma hifdhu emirundi egiwera mu maaso ga Imām 'Abdullāh Ibn 'Abdil-Latīf Āl As-Shaykh (rh). Ekyo (eky'okukwata ekitabo ekyo mu mutwe) okubeera ensonga enkulu ennyo etaandikirwaako eri ba "Ulamā' ba e Najd, kyeyoleka bulungi nnyo mu bigambo bya Shaykh Ibn Qāsim mu "Ad-Durar As-Saniyyah" (12/48), ne Shaykh Ibrāhīm Ibn Muhammad Āl Ash-Shaykh (Allāh abasaasire) mu nnyanjula y'ekitabo kye "Al-Taysīr Al-Azīz Al-Hamīd" (pg. 13)."

Wa Ba'd…

EMBEERA Y'ABALEKULIRA MILLAT IBRĀHĪM

Kimanye, nsaba Allāh akusaasire, nti; Singa Omusiraamu yenna ayolesa Muwāfaqah (okukkiriziganya, okukwatagana, okukkiriza) eri ba mushrikīn n'abakaafiiri ku kikwatagana n'eddiini yaabwe - olw'okubatya (al-khawf – okutya/obutiitiizi), Mudārāh (omukwano, okusaasira n'obukwatampola) gye bali, oba Mudāhanah (okwekkiriranya, okuddiriza/okulegeza, okuwaana, okutendereza, amankwetu, obukuusa/obulimba) nga agendereramu okuzzaayo obubi/obulabe

bwabwe: olwo mazima, abeera Kāfiru nga bo, wadde nga eddiini yaabwe yagikyawa nga nabo yabakyawa, era nga n'Obusiraamu abwagala awamu n'okwagala Abasiraamu.

Alamulwa bwatyo singa tewabaawo kirala kyonna ky'akoze okujjako ebyo byokka; Olwo alamulwa atya singa abeera awangaalira mu nsi elumabaganye Obusiraamu n'Abasiraamu (Dār al-kufr), neyewaayo gye bali, n'abagondera, era n'ayolesa n'omukwano (okubeeragana) eri eddiini yabwe ey'obulimba, n'abayamba ku yo (ng'abawa obuyambi omuli essente, amagezi, n'ebirala), n'abakwana (n'abafuula banne be) era n'akutulawo enkolagana wakati we n'Abasiraamu, n'afuuka omu ku bakozi era abaserikale b'abakaafiiri – ng'ate oluberyeberye abadde Musiraamu? – amakulu n'afuuka omukozi/mbega (wazaga) wabwe.

NB: Shaykh Ibn Bāz (rh) yagamba mu "Majmū' Al-Fatāwā'" (1/274); "Ba 'Ulamā' b'Obusiraamu beegatta nti oyo yenna ayamba abakaafiiri ku Basiraamu, n'akolagana nabo n'obuyambi obw'ekika kyonna, olwo omuntu oyo abeera mukaafiiri nga bbo." Ku kikwatagana n'omuntu bw'atyo, teriyo Musiraamu yenna ayinza kubusabuusa nti omuntu oyo abeera mukaafiiri owa nnamaddala – mw'abo abakyasinze okubeera ab'akabenje ennyo mu bulabe bwabwe eri Allāh n'Omubaka We (SAW). Tewali yenna asonyiyibwa (amakulu nga alina ekyekwaso ekituufu ekimusonyiyisa), okujjako Mukrahuu.

OMUSIRAAMU AKAKIDDWA (MUKRAHU) Y'ALIWA?

Y'oyo akwatibbwa (ali mu buwambe) abakaafiiri, (okugeza) ne bamulagira ku buwaze abeere nga akola ekikolwa eky'obukaafiiri oba okwogera ekigambo eky'obukaafiiri. Ne bamugamba nti bw'ataakikole bagenda kumutta. Oba ne bamutwala ne bamutulugunya okutuusa lw'akkiriziganya nabo (olw'obuwaze n'okutulugunyizibwa). Olwo akkirizibwa okubeera nga akkiriziganya nabo n'olulimi lwe (amakulu ku ngulu), naye ate nga omutima gwe mutebenkevu (munyweevu) ku Īmān (Obusiraamu).

NB: Kikkirizibwa naye ate ssi kya tteeka. Ekisingako obulungi eri oyo akakiddwa (mukrahu) kwe kugumiikiriza n'okunywerera ku Tawhīd – naddala singa abeera muwalimu (sseeka), alyoke abeere eky'okulabirako ekirungi eri Abasiraamu abasigadde (nga Bilāl Ibn Rabāh, Khabbab Ibn Ar-Ratt, Ibn Taymiyyah, Imām Ahmad Ibn Hanbal, n'abalala nga bbo). Nga bwe kyannyonnyolwa mu Hadīth ya Abū Ad-Dardā' (RA), eyagamba nti: "Mukwano gwange (Nabbi – (SAW) yannaamira: 'Obutakolanga shirk, wadde nga ngenda kujjibwaamu ebiwowoolo byange oba okwokyebwa." – (Ibn Mājah ne Al-Bayhaqī, soma "Swahīh At-Targhīb" #566). Ne Hadīth emanyikiddwa ennyo:

“Abantu ba bika bisatu bajja kukomba ku buwoomerevu bw’obukkiriza… ne (mw’abo abasatu) oyo akyaawa okuddayo mu bukaafiiri, nga bw’akyaawa okubeera nga asuulibwa mu muliro.” (Al-Bukhārī ne Muslim).

Era ba ‘Ulamā beegatta ku kulamula okugamba nti oyo yenna ayogera ekigambo ky’obukaafiiri (kufr) mu kusaaga abeera akaafuwadde. Olwo alamulwa atyo oyo ayolesa obukaafiiri olw’okutya n’omulugube gw’edduniya?

NB: Shaykh Swālih Al-Fawzān yagamba (mu kitabo kye “Sharh Kashf As-Shubuhāt” (pg. 163-164): “Nabw’ekityo mu bufuunze, abantu (Abasiraamu) abagwa mu bukaafiiri tebasukka mbeera zino ennya (4);

a) Nga ekigambo ky’ayogera akikkiririzaamu mu mutima gwe. Oyo bwatyo tewali kubusaabusa kwonna nti abeera mukaafiiri.

b) Nga ekyo ky’ayogera takikkiririzaamu mu mutima gwe, naye nga teyakakiddwa okubeera nga akyogera. Wabula nga yakyogedde olw’omululu gw’edduniya, oba olw’okwagala okusiimisa abantu awamu n’okubeeragana nabo. Mazima ddala omuntu oyo bw’atyo abeera mukaafiiri okusinziira ku Āyah ya Qur’ān, egamba;

ذَلِكَ بِأَنَّهُمُ اسْتَحَبُّوا الْحَيَاةَ الدُّنْيَا عَلَى الْآخِرَةِ وَأَنَّ اللَّهَ لَا يَهْدِي الْقَوْمَ الْكَافِرِينَ

“Ekyo lwa kubanga mazima bo bayagalawo obulamu bw’ensi ku (Bulamu) Obw’oluvannyuma.” (An-Nahl: 106-107)

- mu ngeri y’emu y’ennamula y’omuntu akola kufr oba shirk nga agendereramu okubeeragana n’abantu be – ne bw’aba nga atamwa obukaafiiri ne shirk, era nga tabikkiririzaamu; wabula n’abikola olw’okwagala eggwanga lye (patriotism/nationalism – mwoyo gwa ggwanga), eby’obuggagga oba olw’abantu be (family, emikwano n’ekika/kabila).

c) Oyo ayogera ebigambo by’obukaafiiri mu kusaaga n’okwesanyusaamu (nga okunyumisa n’okwetaba mu mboozi) – nga bwe ky’ali ku balwanyi ku mulembe gwa Nabbi (SAW) abaayogerwako mu Sūrat At-Taubah: 65-66.

d) Oyo ayogera (oba n’akola) kufr olw’okuba akakiddwa (awaliriziddwa), nga teyeeyagalidde, nga n’omutima gwe munyweevu ku Īmān ne Tawhīd. Oyo yekka y’asonyiyibwa kubanga abeera akakiddwa (mukrahu).

Mu mbeera essatu ezisoose (**a**, **b** ne **c**), Omusiraamu oyo abeera akaafuwadde, nga bwe kyannyonnyolwa obulungi ennyo mu Qur'ān ne Sunnah. Era kino kimenyawo entegeera y'abo bonna abagamba nti tewali Musiraamu yenna akaafuwazibwa (akolebwako takfir), yadde nga ayogedde ebigambo eby'obukaafiiri oba nga akoze ekikolwa eky'obukaafiiri, okutuusa nga ekiri munda mu mutima gwe kimaze okumanyibwa. Era eyo y'enjogera n'enzikiriza ey'obubuze envundu ekontana ne Qur'ān ne Sunnah. Wabula, eyo y'enjogera y'abannanfuusi ba Murji'ah."

Buno wammanga bwe bumu ku bujulizi obwo, n'obusobozi awamu n'obuyambi okuva ewa Allāh (SWT);-

OBUJULIZI KU MBEGA KALINKWE (WAZAGA)

Obujulizi 1: (Al-Baqarah: 120)

Ekigambo kya Allāh (SWT);

وَلَنْ تَرْضَىٰ عَنكَ ٱلْيَهُودُ وَلَا ٱلنَّصَارَىٰ حَتَّىٰ تَتَّبِعَ مِلَّتَهُمْ

"Tebayinza kukusiima Abayudaaya wadde Abakristaayo okutuusa mpozzi nga ogoberedde eddiini yaabwe." (Al-Baqarah: 120)

Allāh (SWT) atukakasa nti Abayudaaya n'Abakristaayo, mu ngeri y'emu ne ba mushrikīna bonna, tebalisiima Nabbi (SAW) okutuusa nga agoberedde eddiini yabwe, era nga akkirizza n'okujulira nti bo bebali ku Mazima.

Oluvannyuma n'agamba;

قُلْ إِنَّ هُدَى ٱللَّهِ هُوَ ٱلْهُدَىٰ وَلَئِنِ ٱتَّبَعْتَ أَهْوَآءَهُم بَعْدَ ٱلَّذِى جَآءَكَ مِنَ ٱلْعِلْمِ

مَا لَكَ مِنَ ٱللَّهِ مِن وَلِيٍّ وَلَا نَصِيرٍ

"…bagambe nti: 'Mazima okulungamya kwa Allāh (SWT) – kwe Kulungamya (okutuufu) kwokka.' N'olw'ekyo bw'onooba ogoberedde okwagala kwabwe oluvannyuma lw'okumanya okukutuuseeko, olwo on'oba tolina muyambi oba omutaasa eri Allāh." (Al-Baqarah: 120)

Ne mu Āyah endala;

إِنَّكَ إِذًا لَّمِنَ ٱلظَّٰلِمِينَ

“Mazima olwo ggwe ojja kubalibwa mu balyazaamaanyi” (Al-Baqarah: 145)

NB: Obulyazaamanya obwogerwako wano bwe bukaafiiri (kufr) nga bwe kyannyonnyolwa mu Sūrat Luqmān: 13.

Nabw’ekityo singa Nabbi (SAW) yagoberera eddiini yabwe – kungulu kwokka, wadde nga tagikkiririzaamu mu mutima gwe, wabula olw’okutya obubi n’obulabe bwabwe n’olw’okwagala okubeeragana nabo – yandibadde akaafuwala! Alwo alamulwa atya Omusiraamu oyo abikola eri abakaafiiri mw’abo abasinza balubaale, entaana, amasiro, amasabo, n’embiri z’abakaafiiri (omuli; State House, palamenti, enkiiko za LC, White House, United Nations), nti bo be bali ku Mazima n’obulungamu? Mazima ddala, tebasobola kumusiima okujjako nga amaze kukaafuwala!

Obujulizi 2: (Al-Baqarah: 217)

Ekigambo kya Allāh (SWT):

وَلَا يَزَالُونَ يُقَاتِلُونَكُمْ حَتَّىٰ يَرُدُّوكُمْ عَن دِينِكُمْ إِنِ اسْتَطَاعُوا۟ ۚ وَمَن يَرْتَدِدْ مِنكُمْ عَن دِينِهِۦ فَيَمُتْ وَهُوَ كَافِرٌ فَأُو۟لَٰٓئِكَ حَبِطَتْ أَعْمَٰلُهُمْ فِى ٱلدُّنْيَا وَٱلْءَاخِرَةِ ۖ وَأُو۟لَٰٓئِكَ أَصْحَٰبُ ٱلنَّارِ ۖ هُمْ فِيهَا خَٰلِدُونَ

“Era tabajja kukoma awo nga babalwanyisa okutuusa lwe banaabakyusa okubaggya ku ddiini yammwe, bwe banaaba basobodde. N’omuntu akyuka mu mmwe okuva ku ddiini ye, n’afa nga ye mukaafiiri, olwo abo emirimu gyabwe gyayonooneka muno mu nsi ne mu bulamu bw’oluvannyuma. Era abo be bannannyini (kuyingira) mu Muliro. Bo ba kugubaamu lubeerera ssi ba kuvaamu.” (Al-Baqarah: 217)

Bwatyo Allāh (SWT) atunnyonnyola nti abakaafiiri tebajja kulekeraawo kulwanyisa Abasiraamu (n’Obusiraamu) okutuusa nga babakyusizza okuva ku ddiini yabwe, bwe baba nga basobola.

Era Allāh (SWT) teyakkiriza mukkiriza kubeeragana n’abakaafiiri olw’okutiira obulamu bwe, eby’obuggagga bye oba ekitiibwa kye. Wabula, Allāh (SWT) yannyonnyola nti oyo yenna abeeragana n’abo (abakaafiiri) nga bamaze okumulwanyisa – nti asobole okujjawo obubi n’obulabe bwabwe – abeera arutaddise. Bw’afiira mu mbeera eyo oluvannyuma lwa ba mushrikīn okumulwanyisa, abeera wa mu bantu b’omu Muliro gw’agenda okubeeramu olubeerera nga ssi wa kuguvaamu.

Nabw'ekityo, butya ku Musiraamu abeeragana n'abakaafiiri nga tebamulwanyisizzaako yadde? Bw'ekiba nti tewaliiwo kyekwaso kyonna (ekikkirizibwa) kw'oyo abeeragana nabo oluvannyuma lw'okulwanyisa – olwo okitegeera butegeezi nti buli Musiraamu yenna agenda eri abakaafiiri n'okubeyunira babeere kimu – awatali kutya wadde okumulwanyisa – aba talinaayo kyekwaso kyonna yadde; era abeera mukuffāru murtadi.

Obujulizi 3: (Aal-Imrān: 28)

Ekigambo Kye (SWT):

لاَّ يَتَّخِذِ ٱلْمُؤْمِنُونَ ٱلْكَافِرِينَ أَوْلِيَآءَ مِنْ دُونِ ٱلْمُؤْمِنِينَ وَمَن يَفْعَلْ ذٰلِكَ فَلَيْسَ مِنَ ٱللَّهِ فِى شَيْءٍ إِلاَّ أَن تَتَّقُواْ مِنْهُمْ تُقَاةً

"Abakkiriza tebafuulanga abakaafiiri ba Awliyaa' (ab'emikwano) mu kifo kya abakkiriza – n'omuntu akola ekyo taliyambibwa Allāh mu ngeri yonna, okujjako nga mazima mutya mu bo akabi." (Aal-Imrān: 28)

Bwatyo Allāh (SWT) yagaana/yaziyiza omukkiriza yenna okutwala abakaafiiri okubeera nga be ba Awliyā' (ab'emikwano, abawagizi, abayambi, abakuumi oba bannaabe) mu kifo kya Abakkiriza. Era Allāh yannyonnyola nti oyo yenna akola ekyo **"taliyambibwa Allāh mu ngeri yonna"**: amakulu, talibeera mu ba Awliyā' ba Allāh abo abaasuubizibwa okwesiima mu bulamu b'Oluvannyuma. **"Okujjako nga mazima mutya mu bo akabi"**: era kiri nti omuntu oyo (attide obubi bwabwe) abakaafiiri babeera bamukakanyeko, nga tasobola kubakolako bulabe, nabw'ekityo n'ayolesa omukwano gye bali ku ngulu, nga omutima gwe guky'ali munyweevu ku obulabe n'obukyayi (al-adaawa wal-baghdhwa); nga alindiridde ensonga emulesezza okubeera nga evaawo - amangu ddala nga evuddewo, n'addayo ku mbeera y'okubakolako obulabe ('Adāwah) n'obukyayi (Baghdhwā).

Olwo alamulwa atya Omusiraamu oyo afuula abakaafiiri okubeera ba Awliyā' be mu kifo ky'Abasiraamu banne nga talina kyekwaso kyonna – okujjako okubeera nga ye yalondawo obulamu bw'ensi eno (ebitiibwa, omulimu n'emikwano) ku bw'Oluvannyuma, n'olw'okutya abakaafiiri, mu kifo ky'okutya Allāh (SWT)? Allāh tafuulangako okutya okubeera mu byekwaso ebituufu. Wabula Ye (SWT) yagamba, nti;

إِنَّمَا ذٰلِكُمُ ٱلشَّيْطَانُ يُخَوِّفُ أَوْلِيَاءَهُ فَلاَ تَخَافُوهُمْ وَخَافُونِ إِنْ كُنتُمْ مُّؤْمِنِينَ

"Mazima oyo (abatiisatiisa) sitaane nga abatiisa mikwano gye. N'olw'ekyo temubatya, mutye Nze (Nzekka), bwe mubeera nga muli bakkiriza" (Aal-Imrān: 175)

Obujulizi 4: (Aal-Imrān: 149)

Ekigambo kya Allāh (SWT);

يَا أَيُّهَا ٱلَّذِينَ آمَنُوٓاْ إِنْ تُطِيعُواْ ٱلَّذِينَ كَفَرُواْ يَرُدُّوكُمْ عَلَىٰ أَعْقَابِكُمْ فَتَنْقَلِبُواْ خَاسِرِينَ

"Abange mmwe abakkiriza! Bwe munagondera abakaafiiri, bajja kubakyusiza ku bisinziiro byammwe (mudde mu bukaafiiri), mukyuke (okuva ku bukkiriza) nga mufaafaaganiddwa." (Aal-Imrān: 149)

Bwatyo Allāh (SWT) yannyonnyola nti singa Omusiraamu agondera abakaafiiri, tewali kubusabusa kwonna nti bajja kumukyusiza ku bisinziiro bye ave mu Busiraamu adde mu bukaafiiri (nga arutaddise). Kubanga tebasobola kumusiima okujjako nga amaze kukaafuwala. N'olw'ensonga eyo, Allāh (SWT) n'abagamba nti singa ekyo bakikola (eky'okugondera abakaafiiri), bajja kuba bafafaaganiddwa mu nsi ne ku 'Aakhirah. Era Allāh teyakkiriza Musiraamu okubeeragana n'abakaafiiri yadde okubagondera olw'okubatya (Khawf).

Era eyo y'embeera eriwo kati – tebasobola kusiima oyo yenna eyeeyita Omusiraamu/Omukkiriza akolagana nabo okujjako nga ajulira nti bo (abakaafiiri) be bali ku Mazima, n'ayolesa obulabe n'obukyayi eri Abasiraamu (n'Obusiraamu), n'oluvannyuma naasazizaamu ddala enkolagana ye n'Abasiraamu.

Oluvannyuma n'agamba (SWT);

بَلِ ٱللَّهُ مَوْلاَكُمْ وَهُوَ خَيْرُ ٱلنَّاصِرِينَ

"Wabula, Allāh ye Mawlā' wammwe, naye Ye y'asinga abataasa bonna." (Aal-Imrān: 150)

Allāh (SWT) atunnyonnyola nti Ye ye Mawlā' w'aba Mu'minīn era Omuyambi waabwe, era y'asinga abayambi bonna. N'olw'ekyo okunywerera ku Allāh (SWT) n'okumugondera kimalira abakkiriza okusinga okugondera abakaafiiri.

Zibasanze abo abaali bamanyi Tawhīd (Obusiraamu) ne bakulizibwa okwo era nga y'enzikiriza yaabwe okumala ekiseera; Ngeri ki gye baava ku kwenywereza ku Mulezi w'Ebitonde byonna, Asinga Obuyambi – ne badda ku kwenywereza n'okukwana abakaafiiri; ne basiima okuwaanyisa okwo mu kifo ky'Oyo alina Obufuzi bwa buli kimu mu Mukono Gwe?!

بِئْسَ لِلظَّالِمِينَ بَدَلاً

"Kubi nnyo okuwaanyisa kw'abalyazaamaanyi!" (Al-Kahfi: 50)

NB: Ebizzi ezo wano mpitirivu, tewali kubuusabuusa kwonna ensingo zaabwe zaayengera dda, tekigwanira Mu'minu Muwahhid yenna kuzireka ne zivuundira ku mibiri gyaabwe – nga omu ku bawalimu bwe yagamba: "Kya buswaavu nnyo ensingo zaabwe okukutukirako e Mulago, nga nammwe weemuli!"– ne Allāh (SWT) atamwa okwogera byemutakola – Muliwa mmwe banne ba Muhammad Ibn Maslamah al-Answārī (ra)? Mutye Allāh (SWT), ekitali ekyo ajja kubakyusa aleetewo abaddu Bwe abanatuukiriza obuvunaanyizibwa bw'enzikiriza yabwe!

Obujulizi 5: (Aal-Imrān: 162)

Ekigambo Kye (SWT):

أَفَمَنِ ٱتَّبَعَ رِضْوَانَ ٱللَّهِ كَمَنْ بَآءَ بِسَخَطٍ مِّنَ ٱللَّهِ وَمَأْوَاهُ جَهَنَّمُ وَبِئْسَ ٱلْمَصِيرُ

"Abaffe, omuntu agoberera Okusiima kwa Allāh, alinga omuntu (oyo) eyetaddeko Obusungu okuva eri Allāh? Nga n'obuddo bwe Jahannam – obusingirayo ddala okuba obuddo obubi." (Aal-Imrān: 162)

Bw'atyo Allāh (SWT) atubuulira nti tebenkanankana, oyo agoberera/agenderera Okusiima kwa Allāh (SWT) n'oyo agoberera/agenderera Obusungu bwa Allāh nga n'obuddo bwe gwe Muliro. Era tewali kubusabusa kwonna nti okwolekeza 'Ibādah eri Ar-Rahmān Yekka, okukiwagira (ekikolwa ekyo), n'omuntu okuba nga ali mu bannannyi kyo – (byonna) biri mu Kusiima kwa Allāh (SWT). Era (tewali kubusabusa kwonna) nti okwolekeza 'Ibādah eri Qibāb n'abantu abafu, okukiwagira (ekikolwa ekyo) n'okubeera mu bannannyini kyo – (byonna) biri mu bintu Allāh (SWT) by'asunguwalira. N'olw'ekyo, tebenkanankana mu maaso ga Allāh (SWT) abo abawagira Tawhīd ne Da'wah Ye nga balina Ikhlāsu, era nga ba Mu'minīn; n'abo abawagira shirk n'okusaba abafu, era nga (abantu abo) ba mushrikīn.

NB: Awamu n'ekyo, tewali kubusabusa kwonna nti okwolekeza 'Ibādah eri abafuzi (ba twawaghit), Abayudaaya n'abakaafiiri (crusaders); okubayamba; n'okubeera ku ludda lwabwe mu kulwanyisa ba Muwahhidīn – (byonna) biri mu bintu Allāh (SWT) by'asunguwalira.

Nabw'ekityo bwe bagamba, "(Ekyekwaso kyaffe) tw'ali tutidde!" Bajja kugambibwa, "Mulimba." Era, "Allāh teyafuula Khawf (okutya) okubeera ekyekwaso ekituufu (eri omuntu yenna) okubeera nga agoberera/akola ebyo by'asunguwalira (ebimunyiiza) n'okuleka ebyo ebimusanyusa (by'ayagala). Era bangi nnyo mu bantu abali ku bubuze abaalekulira Amazima olw'okutya nti bajja kufiirwa edduniya yaabwe; ng'ate Amazima bakyagalaba n'okugakkiriza (ya'taqidūn) – awamu n'ekyo, tebaali ku Busiraamu."

NB: Nga Allāh bwe yannyonnyola ku Fir'awna nga awakanya Mūsā ne Hārūna (AS):

وَجَحَدُواْ بِهَا وَٱسْتَيْقَنَتْهَآ أَنفُسُهُمْ ظُلْماً وَعُلُوّاً فَٱنْظُرْ كَيْفَ كَانَ عَاقِبَةُ ٱلْمُفْسِدِينَ

"Ne babawakanya, sso nga emyoyo gyabwe gibukakasizza (obubaka), nga babuwakanya mu bulyazaamaanyi n'okwekuluntaza. Kale tunuulira engeri bwe yali enkomerero y'abonoonyi!"(An-Naml: 14)

Obujulizi 6: (An-Nisā': 97)

Ekigambo Kye (SWT):

إِنَّ ٱلَّذِينَ تَوَفَّاهُمُ ٱلْمَلآئِكَةُ ظَالِمِيۤ أَنْفُسِهِمْ قَالُواْ فِيمَ كُنتُمْ

"Mazima! (abantu) abo Bamalaika be batta nga balyazaamaanya emyoyo gyabwe (olw'okusigala nga bawangaala ne ba mushrikīn yadde nga okusenguka kw'ali kubakakatako), Bamalaika babagamba: Mwalinga ku ki? " (An-Nisā': 97)

Amakulu - Mwali mu kibinja ki? Ekya Abasiraamu, oba eky'aba mushrikīn?" N'olw'ekyo kubanga tebaali mu kibinja ky'Abasiraamu, ne baleeta ekyekwaso nti baali banafu era nga bayigganyizibwa; naye Bamalaika (Allāh) tebakikkiriza – ne bababuuza:

أَلَمْ تَكُنْ أَرْضُ اللَّهِ وَاسِعَةً فَتُهَاجِرُوا فِيهَا فَأُولَئِكَ مَأْوَاهُمْ جَهَنَّمُ وَسَاءَتْ مَصِيرًا

"Teyali ensi ya Allāh nga ngazi mwe musobola okusengukira? N'abo obuddo bwabwe Jahannam, era bwe buddo obusinga okuba obubi!" (An-Nisā': 97)

Era tewali muntu yenna alina amagezi ng'ategeera asobola okubusabusa nti abantu abo abawangaalira mu nsi ezirwanyisa Abasiraamu n'Obusiraamu – (abantu abo) bali wamu ne ba mushrikīn, mu kibinja kyabwe era mu Jamā'ah (community) yabwe. Ekyo bw'ekityo, yadde nga Āyāh eyo yakka ku bantu abamu ab'omu Makkah abaali basilamuse, naye ne batasenguka (amakulu tebaakola Hijrah). Olwo ba mushrikīn bwe baafuluma okugenda e Badr, ne bawaliriza Abasiraamu abo okwegatta ku ggye lyabwe; olw'okutya, ne bafulumira mu ggye eryo. Nabw'ekityo Abasiraamu (abaali basengukira e Madīnah) ne babatta ku Lunaku (Olutalo) lwa Badr; era oluvannyuma bwe baakizuula nti baali babasse nebejjusa, nga bagamba, "Tusse baganda baffe." Allāh (SWT) kwe kussa Āyāh eno nga ekwata ku Busiraamu abo (abataasenguka). – (Bukhārī (4596, 7085), An-Nasā'ī mu bitabo bye "As-Sunan Al-Kubrā", "Kitāb At-Tafsīr", ne mu "Tuhfah Al-Ashrāf" (5/166), At-Twabarī mu Tafsīr ye (5/234), Al-Bayhaqi mu kitabo kye "As-Sunan Al-Kubrā" (9/12). At-Twabarānī mu "Al-Awsāt" ne Ibn Rāhawayh ne Al-Ismā'īli ne Ibn Al-Munthir nga mu "Fat'h Al-Bāri" (8/263), Ibn Abī Hātim ne Ibn Mardawayh nga mu "Ad-Durr Al-Manthūr" (2/206), Al-Bazzār mu "Musnad" ye nga mu kitabo kya Al-Haythami "Mujma' Az-Zawā'id" (7/10).)

Olwo kiri kitya ku bantu b'ensi (ez'enjawulo ezirwanyisa Obusiraamu), abo abaali ku Busiraamu, ne babweyambulula ne boolesa omukwano n'okubeeragana (obumu) eri banna shirk kukikwatagana n'eddiini yaabwe, ne babagondera, ne bababudamya n'okubawagira; era ne balekulira ba Muwahhidīn, ne bagoberera ekkubo eddala eritali lya Busiraamu; ne babalangilira okubeera abasobya era ababuze, era n'ekisasaana mu bo (ba mushrikīn) eky'okuwemula Abasiraamu, okubavuma, okubaswaza, okubajerega n'okubalengezza olw'okubeera abanywevu era abagumiikiriza ku Tawhīd wabwe n'okuyimirizaawo Jihād ku lwa Tawhīd; era (ba murtaddīn abo) ne bayamba n'okuwagira ba mushrikīn ku ba Muwahhidīn – nga beyagalidde, so ssi lwa kukakibwa; nga baagala, sso ssi kubuwaze!?

Mazima ddala bano be basaanidde ddala okubeera nga balambibwaako "kufr" (okukaafuwazibwa - Takfīr) –era bebagwanira okubeera nga basuulibwa mu Muliro – okusinga abo abataakola Hijrah olw'akakwate akaamanyi ke baalina ewabwe (mu nsi yaabwe) n'olw'okutya abakaafiiri (aba Quraysh), ne bafulumira mu ggye lyaabwe olw'okuwalirizibwa n'okutya.

Era singa omuntu abuuza, "Ikrāh (obuwaze) tekyali kyekwaso ky'abo abattibwa ku Lunaku lwa e Badr, bo okubeera nga bafuluma n'abo (wamu ne ba mushrikīn okulwanyisa Abasiraamu)?"Addibwaamu bw'ati; "Ekyekwaso ekyo tekyakkirizibwa kubanga baali tebalina kyekwaso kyonna mu ntandikwa y'esonga, bwe baasalawo okuwangaala awamu n'abakaafiiri; nabw'ekityo tebasonyibwa (nti olwa Ikrāh) oluvannyuma lw'ekyo. Kubanga bo (bennyini) bebaali ensonga yaakyo (amakulu bo bennyini bebaasalawo okuwangaalira mu ba mushrikīn mu ntandikwa), kubanga baabawangaaliramu ne baleka Hijrah (olw'ekyo bo bennyini kye beesalirawo)."

NB: Soma ekyafaayo kya ba As-Hābul Kahf mu Sūrat Al-Kahf n'awalala mu Qur'ān (Al-Baqarah: 218; An-Nisā': 97-100; Az-Zumar: 10; Al-Ankabūt: 56; An-Nahl: 41; At-Tauba: 20; Al-Anfāl: 72; Al-Anfāl: 75; Al-Hajj: 58). Soma ekitabo kyaffe: "**AL-HIJRAH: Okukowoola eri Obw'etteeka bw'Okusenguka eri Ensi y'Obusiraamu**" okumanya ebisingawo ku Ibādah eno.

Obujulizi 7: (An-Nisā': 140)

Ekigambo kya Allāh (SWT):

وَقَدْ نَزَّلَ عَلَيْكُمْ فِى ٱلْكِتَابِ أَنْ إِذَا سَمِعْتُمْ آيَاتِ ٱللَّهِ يُكْفَرُ بِهَا وَيُسْتَهْزَأُ بِهَا فَلاَ تَقْعُدُواْ مَعَهُمْ حَتَّىٰ يَخُوضُواْ فِى حَدِيثٍ غَيْرِهِ إِنَّكُمْ إِذاً مِّثْلُهُمْ

"Era mazima yassa dda ku mmwe mu Kitabo (Qur'ān) nti, bwe mubanga muwulidde Āyāh (Ebigambo/amateeka) za Allāh nga ziwakanyizibwa era nga zijolongwa, temutuulanga awamu nabo (abo ababiwakanya n'okubijolonga) okutuusa lwe banaakyusa ne badda ku mboozi endala. Mazima mmwe bwe munaaba nabo bwe kityo mujja kuba nga bbo." (An-Nisā': 140)

Allāh (SWT) yannyonnyola nti yassa (oluberyeberye) Ekiragiro ku bakkiriza, mu Kitabo Kye (Qur'ān), nti bwe babanga bawulidde Āyāt za Allāh (SWT) nga ziwakanyizibwa n'okujolongwa, tebalina kutuula nabo okutuusa nga bakyusizza ne badda ku mboozi endala; era n'oyo yenna atuula n'abo abakaafuwalira/abawakanya Āyāt za Allāh (SWT) n'okuzijolonga, mu kiseera ekyo omuntu oyo alinga bo (abafaanana mu kulamulwa - hukm). Era Allāh wano teyayawula wakati w'oyo

attidde/alina okutya (Khā'if) n'atali ye (atalina kutya) – okujjako oyo akakibwa/awaliriziddwa (Mukrahu).

NB: Ekiragiro ekiziyiza embeera/ekikolwa ekyo Āyah eyo ky'eyogerako kye kino (Laba Ibn Kathīr "Tafsīr Al-Qur'ān Al-'Adhwīm" (1/567);

وَإِذَا رَأَيْتَ ٱلَّذِينَ يَخُوضُونَ فِيٓ آيَاتِنَا فَأَعْرِضْ عَنْهُمْ حَتَّىٰ يَخُوضُواْ فِى حَدِيثٍ غَيْرِهِۦ وَإِمَّا يُنسِيَنَّكَ ٱلشَّيْطَانُ فَلاَ تَقْعُدْ بَعْدَ ٱلذِّكْرَىٰ مَعَ ٱلْقَوْمِ ٱلظَّٰلِمِينَ

"Bw'obanga olabye abo abali mu mboozi elimbisa Ebigambo Byaffe, baawukaneko okutuusa lwe batandika okunyumya (ebirala) ebitali yo. Naye sitaane bw'abanga akwerabizza (n'otuula nabo), totuulanga oluvaanyuma lw'okujjukira, awamu n'ekibiina (abantu) ekiryazaamaanyi."(Al-An'ām: 68)

Ekyo bw'ekityo bwe kyaali nga bonna (ba Mu'minīn n'abatakkiriza) bali mu nsi y'emu, mu kiseera nga emmambya y'Obusiraamu nga yakavaayo (nga butandika butandise). Olwo kiri kitya (amakulu alamulwa atya) kw'oyo ali mu bugazi bw'ensi z'Obusiraamu ennyingi – n'akyaaza n'okusembeza abantu abakaafuwalira n'okujolonga Āyāt za Allāh(SWT), bajje mu nsi ye, n'abaaniriza, era n'abakkiriza n'okubasiima nga banne, emikwano gye era baakolagana nabo mu nsonga ze zonna; n'awulira kufr wabwe ku Āyāt za Allāh(SWT) n'okuzijolonga kwabwe era n'akkiriziganya nabyo awamu n'okubisanyukira – ate (oludda olulala) n'awannganguusa ba Muwahhidīn, era n'abakuumira ewala ennyo (mu makomera n'okubatemula)?! - SubhānAllāh! Imām alinga eyali ayogera ku mbeera eriwo kati – kw'abo abeegayirira Abayudaaya (Zionists) n'abakaafiiri (crusaders) okujja ku ttaka lya Muhammad (SAW), ne babegayirira babeere nga beefuga ekyombo (Arabian Peninsula), n'okubegayirira babeere nga batta ba Muwahhidīn.

Embeera y'emu eri wano e Uganda n'amawanga agetoolodde. Ba Wazaga (mw'abo abaatunda eddini yabwe olw'okuganza n'okululunkanira edduniya ne kasasiro waayo) buli lukya beeyongera bweyongezi. Obalaba nga babakyaza n'okubaaniriza ku 'kitebe' ky'Obusiraamu e Kampala Mukadde bateese era bakole n'entegeka butya bwe balwanyisa Āyāt za Allāh (SWT) n'abo bonna abazinywereddeko mw'abo abaasenguka n'abakyaaliwo. Bw'obalaba, Wallāhi Lā ilāha Ghayrahu… baliko obuwufu n'obubonero bw'aba Zindīq mu makanzu, entalabuusi, amajjuba, ebikaaya bye bebikako nga bageezako okuwubisa ababuyabuya mu Busiraamu – nga empisi bwe yerimbika mu kifaananyi ky'endiga!!! Abasinga obungi mu bo, bwe wetegereza gyenvudde wabwe, mubutuufu tebabeerangako ba mu Diini ya Muhammad (SAW), Wallāhi kw'ekyo Allāh (As-Sami'ul 'Alīm) Mujulizi! Era amaaso, ennimi, amatu, n'ebiyungo byabwe bivulubanye emisaayi

gy'Abasiraamu (omuli abakadde, bamaseeka, abakyala, n'abaana) aba Amazima. Wabula ekisinga okwewuunyisa n'okukwasa ennaku, kwe kubeera nti mubamanyi naye ate webali balya butaala, Allāh (SWT) mugenda kumugamba ki mmwe ba Muwahhidīn ku Lunaku Lw'enkya, oba Tawhīd gwe mutaategeera oba mu mwepaatikako bwepaatiisi?! Allāh yabalabula dda;

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا لِمَ تَقُولُونَ مَا لَا تَفْعَلُونَ (2) كَبُرَ مَقْتًا عِنْدَ اللَّهِ أَنْ تَقُولُوا مَا لَا تَفْعَلُونَ

"Abange mmwe abakkiriza! Lwaki mwogera ebyo bye mutakola? Kyayitirira okutambibwa awali Allāh eky'okubeera nga mwogera ebyo bye mutakola! " (As-Swaff: 2-3)

Ng'ate eky'okukola yakibalaga dda;

يَٰٓأَيُّهَا ٱلَّذِينَ آمَنُواْ قَاتِلُواْ ٱلَّذِينَ يَلُونَكُمْ مِّنَ ٱلْكُفَّارِ وَلِيَجِدُواْ فِيكُمْ غِلْظَةً وَٱعْلَمُوٓاْ أَنَّ ٱللَّهَ مَعَ ٱلْمُتَّقِينَ

"Abange mmwe abakkiriza! Mulwanyise abo ababaliraanye mu bakaafiiri (ba murtaddīn), era bafune mu mmwe obuzito. Era mu manye nti mazima Allāh ali wamu n'abo abamutya." (At-Taubah: 123)

Obujulizi 8: (Al-Mā'idah: 51)

Ekigambo kya Allāh (SWT):

يَٰٓأَيُّهَا ٱلَّذِينَ آمَنُواْ لاَ تَتَّخِذُواْ ٱلْيَهُودَ وَٱلنَّصَارَىٰٓ أَوْلِيَآءَ بَعْضُهُمْ أَوْلِيَآءُ بَعْضٍ وَمَن يَتَوَلَّهُمْ مِّنكُمْ فَإِنَّهُ مِنْهُمْ إِنَّ ٱللَّهَ لاَ يَهْدِى ٱلْقَوْمَ ٱلظَّٰلِمِينَ

"Abange mmwe abakkiriza! Temufuulanga Abayudaaya n'Abakristaayoab'emikwano enfiirabulago, ba mikwano ku bokka na bokka. N'omuntu abakwana mu mmwe mazima ye abeera wa mu bo. Mazima Allāh talunngamya kibiina ky'abalyazaamaanyi." (Al-Mā'idah: 51)

NB: Hudhayfah bun Yamān (ra) yagamba, "Buli omu mu mmwe ateekeddwa okutya nti asobola akufuuka omuyudaaya oba omukristaayo nga takimanyi," oluvannyuma n'asoma **"N'omuntu abakwana mu mmwe mazima ye abeera wa mu bo."** Soma "Ad-Durr Al-Manthūr" (3/100). Mu Āyāt eziddako 52-53, Allāh ayongera okunnyonnyola;

فَتَرَى الَّذِينَ فِي قُلُوبِهِمْ مَرَضٌ يُسَارِعُونَ فِيهِمْ يَقُولُونَ نَخْشَى أَنْ تُصِيبَنَا دَائِرَةٌ فَعَسَى اللَّهُ أَنْ يَأْتِيَ بِالْفَتْحِ أَوْ أَمْرٍ مِنْ عِنْدِهِ فَيُصْبِحُوا عَلَى مَا أَسَرُّوا فِي أَنْفُسِهِمْ نَادِمِينَ (52) وَيَقُولُ الَّذِينَ آمَنُوا أَهَؤُلَاءِ الَّذِينَ أَقْسَمُوا بِاللَّهِ جَهْدَ أَيْمَانِهِمْ إِنَّهُمْ لَمَعَكُمْ حَبِطَتْ أَعْمَالُهُمْ فَأَصْبَحُوا خَاسِرِينَ

"Olaba abo abalina mu mitima gyabwe obulwadde (bw'obunnaanfuusi) nga baanguyira okuba mu bo, nga bagamba (mu kwekwasa) nti: 'Tutya okututuukako enkyukakyuka embi' .... Ne bagamba abo abakkiriza, 'Abo be bo abaalayiranga Allāh mu kukakasa ebirayiro byabwe nti mazima bo bali wamu nammwe (Abange mmwe Abasiraamu)'? Gyayonooneka emirimu gyabwe, ne bakeesa nga bafaafaaganiddwa."(Al-Mā'idah: 52-53)

- Ku Āyah egamba "N'omuntu abakwana (Tawalli) mu mmwe mazima ye abeera wa mu bo."(Al-Mā'idah: 51) Al-'Allāmah Ibn Hazm (rh) yagamba mu kitabo kye "Al-Muhallā'" (11/138): "Kituufu Āyah eno etwalibwa nga bw'egamba, amakulu abeera mukaafiiri okuva mu kibinja ky'abakaafiiri, era gano ge Amazima, n'Abasiraamu ababiri (bokka) tebasobola ku kiwakanirako."

N'olw'ekyo Allāh (SWT) yaziyiza n'okugaana ba Mu'minīn okukwana/okufuula Abayudaaya n'Abakristaayo nga ba Awliyā' (ab'emikwaano, bannaabwe). N'abagamba nti n'oyo yenna mu ba Mu'minīn abakwaana, olwo naye wa mu bo. Mu ngeri y'emu alamulwa ky'ekimu oyo yenna akwaana abakaafiiri, okuva mu ba Majūs n'abo abasinza amasanamu – era naye abeera wa mu bo.

Singa omuntu awakana nti, okwolekeza/okukolera Ibādah eri Qibāb n'okukowoola abalongoofu abaafa nti (ekikolwa ekyo) ssishirk – era nti bannanyini ku kikola ssi ba mushrikūn; Olwo embeera ye aba emaze okweyoleka (Olw'okuwolereza abo abasinza ebitali Allāh, aba amaze okufuuka omu ku ba Awliyā' babwe.) – era n'okwemanya kwe (amalala ge) n'obukaafiiri bwe byonna biba bimaze okwanikibwa eri buli omu. Era Ye(SWT) teyayawula wakati w'oyo atidde (Khā'if) n'oyo atatidde. Wabula, Allāh (SWT) yannyonnyola (Sūrat Al-Mā'idah: 52) n'alaga bulingi nti abo abalina ekirwadde mu mitima gyabwe bakola ekikolwa ekyo olw'okutya embeera embi/ekizibu okubatuukako.

NB: Imām ayongera okukikakasa obulungi nti okutya (Khawf) ssi kyekwaso (ekituufu/ekikkirizibwa), wabula oyo yenna abakwaana (Wazaga) aba akaafuwala (mu mbeera z'ombiriri), era ekyo kiwakanyiza ddala n'okusazaamu ebigambo n'enteegeera (enzikiriza) y'aba Murj'iah b'omulembe guno (wano e Uganda beyita abasalafu).

Mu ngeri y'emu eyo y'embeera y'aba Murtaddīn – baali batya kutuukibwaako embeera embi/ebizibu (nga obwavu). Era n'akatono ennyo akaali kasigaddeyo mu mitima gyabwe nga

keekussiza ku Īmān (okukkiririza mu) eri Endagaano ya Allāh eya Amazima, (eya) okuwa Obuwanguzi eri ba Muwahhidīn nako kaasangulibwaawo/kaggyibwaawo. Olwo ne bafubutuka mu bwangu obw'ekitalo ne bagenda (ne badda ku ludda) eri bannannyini shirk, olw'okutya n'okwelaliikirira embeera embi n'ebizibu. Allāh (SWT) yagamba;

فَعَسَى ٱللَّهُ أَن يَأْتِىَ بِٱلْفَتْحِ أَوْ أَمْرٍ مِّنْ عِندِهِۦ فَيُصْبِحُواْ عَلَىٰ مَآ أَسَرُّواْ فِىٓ أَنفُسِهِمْ نَٰدِمِينَ

"Oba olyawo Allāh n'aleeta obuwanguzi oba ekigambo okuva Gy'Ali. Olwo ne bakeesa enkya kw'ekyo kye bakwese mu mitima gyabwe nga bejjusa." (Al-Mā'idah: 52)

NB: Era kimanyikiddwa okukakibwa tekusobola kukyusa enzikiriza eri mu mutima (nga okwagala Obusiraamu, okukyawa obukaafiiri, n'ebirala) – Era kitegeerekeka bulungi nnyo nti 'okutya obuti' tekukyusa enzikiriza y'omutima. N'olw'ekyo oyo atya abakaafiiri asobola okuba nga akyayagala Obusiraamu n'okukyawa abakaaffiri – naye ate Imām annyonnyola bulungi nnyo nga alaga nti abantu abo babera ba "Murtadddīn" kubanga Īmān (obukkiriaza bwabwe) yabwe eba tekyaliwo (eba nfu - bātwilu) – kasita bakobaana n'abakaafiiri ku Basiraamu n'Obusiraamu.

Obujulizi 9: (Al-Mā'idah: 80)

Ekigambo kya Allāh (SWT):

تَرَىٰ كَثِيراً مِّنْهُمْ يَتَوَلَّوْنَ ٱلَّذِينَ كَفَرُواْ لَبِئْسَ مَا قَدَّمَتْ لَهُمْ أَنفُسُهُمْ أَن سَخِطَ ٱللَّهُ عَلَيْهِمْ وَفِى ٱلْعَذَابِ هُمْ خَالِدُونَ

"Olaba bangi mu bo nga batwaala abo abaakaafuwala nga ba Awliyā'. Kibi nnyo ekyo kye gyabakulembereza emyoyo gyabwe; olw'ensonga eyo Obusungu bwa Allāh ne bubatuukako. Ne mu bibonyobonyo bo ba kubeeramu lubeerera siba kuvaamu." (Al-Mā'idah: 80)

Allāh (SWT) yalaga bulungi nnyo okukola obukozi Muwālāt (omukwano, okukwana, oba okufuula ow'omukwano, okwesigamira, okukolagana) n'abakaafiiri, kivaako/kileetawo Obusungu bwa Allāh n'ebibonyobonyo eby'oluberera, yadde nga omuntu oyo (akoze Muwālāt n'abakaafiiri) abadde Khā'if (nga akikoze olw'okutya). Tewali yenna alina ekyekwaso ekituufu/ekikkirizibwa okujjako Mukrahu (akakiddwa/awaliriziddwa), n'obukwakulizo bwakwo obutuufu. Kiri kitya singa ekikolwa ekyo (Muwālāt eri abakaafiiri) kiba kigattibwaako obukaafiiri (kufr) obweyolefu

obw'olwatu; awamu n'obulabe eri Tawhīd ne ba Muwahhiddīn, okukolagana nabo n'okubayamba mu kusaanyaawo Tawhīd (okusinza Allāh Yekka), n'okuyimirizaawo shirk ne kufr (okusinza ebyo ebitali Allāh)? - Era kiramulwa kitya okukolagana nabo n'okubayamba mu kusaanyaawo Amateeka/Okulamula Kwe Yekka (Shari'ah) Qur'ān ne Sunnah – n'okubayamba mu kuyimirizaawo amateeka agavuganya aga Allāh – okugeza ng'abo ab'eyita Abasiraamu abalwanyisa Islāmic State (Khilāfah) mu Syria, Iraq, Libya, Afghanistān, Somalia n'awalala nga bakozesa obuyambi n'eby'okulwanyisa ebibaweebwa abakaafiiri omuli Amerika, Russia, Europeaan Union/NATO, African Union, UAE, Saudi Arabia, Iran, Qatar, Jordan, China, Japan, India, Australia, n'abalala?

NB: Wadde nga waliwo enjawulo entono mu makulu g'olulimi, abamanyi baayawula wakati wa "Tawalli" ne "Muwālāt". Soma "Awthaq 'Ura Al-Īmān" (133), ne "Ad-Durar As-Saniyyah" (5/201).

Obujulizi 10: (Al-Mā'idah: 81)

Ekigambo kya Allāh (SWT);

وَلَوْ كَانُوا يُؤْمِنُونَ بِاللهِ والنَّبِيِّ وَمَا أُنْزِلَ إِلَيْهِ مَا اتَّخَذُوهُمْ أَوْلِيَآءَ وَلَٰكِنَّ كَثِيراً مِّنْهُمْ فَاسِقُونَ

"Singa baali bakkiriza Allāh ne Nabbi, n'ebyo ebyassibwa gy'ali – tebandibafudde bamikwano be beemaliza. Naye bangi mu bo boonoonyi." (Al-Mā'idah: 81)

Bwatyo Allāh (SWT) yannyonnyola nti Muwālāt eri abakaafiiri esazaamu Īmān mu Allāh, Nabbi (SAW) n'ebyo ebya mussibwaako. Oluvannyuma n'alaga esonga lwaki baafuula abakaafiiri okubeera ba Awliyā', kubanga bangi mu bo ba fāsiqūn (bonoonefu/bonoonyi). Era Allāh (SWT) teyayawula wakati w'oyo eyali atidde embeera embi/ebizibu, n'oyo eyali tatidde. Era eyo y'embeera y'emu eya ba murtaddīn ba wazaga (leero) – oluberyeberye lw'okurutaddika (okufuuka ba wazaga – ba mbega), abasinga obungi mu bo baali boonoonefu/bajeemu (fāsiqūn). Ekyo (fisq - obwonoonefu n'obujeemu bwabwe) ne kibawalula (ne bagenda) eri okukwana n'okuyamba abakaafiiri, n'okuviira ddala mu Busiraamu (Riddah). Tusaba era twewogoma ewa Allāh (SWT) atukingirize embeera embi ennyo eyo.

Obujulizi 11: (Al-An'ām: 121)

Ekigambo kya Allāh (SWT):

وَإِنَّ ٱلشَّيَاطِينَ لَيُوحُونَ إِلَىٰٓ أَوْلِيَآئِهِمْ لِيُجَادِلُوكُمْ وَإِنْ أَطَعْتُمُوهُمْ إِنَّكُمْ لَمُشْرِكُونَ

"Era mazima basitaane bakubiriza ba Awliyā baabwe (mu bantu) balyoke babakaayanye. Bwe munaaba nga mubagondedde, mazima mmwe mujja kubeera ba mushrikūn."
(Al-An'ām: 121)

Āyāh eno yassibwa oluvannyuma lwa ba mushrikūn okugamba Abasiraamu (ba Swahābah) - "Mulya ebyo mmwe bye mwetidde (okwesalira), naye ate temulya ebyo Allāh by'asse!?" oluvannyuma Allāh n'assa Āyāh eyo. - Okuva ku Ibn 'Abbās (ra), soma Abū Dāwūd mu "Sunan" ye (2818), An-Nasā'ī mu "Al-Mujtabā" (7/237), At-Tirmithī mu "Al-Jāmi" era n'agamba nti Hadīth eyo eri "Hasan Gharīb" (3069), Al-Hākim mu "Al-Mustadrak" (4/233), At-Twabarī mu Tafsīr ye (8/17), Al-Bayhaqī mu "As-Sunan Al-Kubrā" (9/241); ne Al-Furyābī, Ibn Abī Shaybah, 'Abd Ibn Humayd, Ibn Al-Munthir, Ibn Abī Hātim, An-Nuhās, Abū Ash-Shaykh, Ibn Mardawayh, ne At-Twabarānī nga bw'ekiri mu "Ad-Durr Al-Manthūr" (3/43).

N'olw'ekyo bw'ekiba nti oyo eyagondera ba mushrikīn n'akkiriza (okulya) Maytah (kalannamye), yafuuka mushriku – nga tewali njawulo yonna (mu kulamula - Hukm) wakati w'atidde n'atali ye, okujjako Mukrahuu (akakiddwa/awaliriziddwa); olwo kiri kitya kw'oyo (wazaga/mbega) abagondera mu kukkiriza okukola Muwālāt gye bali (abakaafiiri); okubeeragana n'abo, okubayamba(okubabegera ku Busiraamu), okujulira nti bo bali ku Mazima, okukkiriza okuyiwa omusaayi gwa Abasiraamu n'okunyaga eby'obuggagga byabwe, n'okuva ku ludda lwa Abasiraamu, n'okwegatta ku ludda lwa ba mushrikīn?! Mu butuufu bano bebagwanidde kufr ne shirk, bw'obageragranya n'abo abakkiriziganya (abaagoberera) n'abakaafiiri ne bakkiriza (okulya) Maytah.

NB: Jjukira nnyo ekibuuzo kino n'okuddamu kwaakyo – Owange gwe Muganda wange ku Tawhīd! Balamulwa batya abo abakkiriza (abakola) Mudhāharah (nga obwa mbega - wazaga) eri abakaafiiri olw'okutya obuti?

Obujulizi 12: (Al-A'rāf: 175)

Ekigambo kya Allāh (SWT):

وَٱتْلُ عَلَيْهِمْ نَبَأَ ٱلَّذِيٓ ءَاتَيْنَٰهُ ءَايَٰتِنَا فَٱنسَلَخَ مِنْهَا فَأَتْبَعَهُ ٱلشَّيْطَٰنُ فَكَانَ مِنَ ٱلْغَاوِينَ

"Era basomere (Gwe Muhammad - SAW) ekyafaayo ky'oyo gwe twawa Āyāt Zaffe, naye n'azikanyuga , n'amugoberera sitaane n'abeera ow'omu babuze." (Al-A'rāf: 175)

Āyāh eno yassibwa nga eyogera ku 'Ālim (omumanyi) omusinza ennyo ku mulembe gwa Abaana ba Israa'il (Bani Isrā'il), nga ayitibwa Bal'ām. Y'ali amanyi Al-Ism Al-A'dhwam (Erinnya lya Allāh erisinga Obunene). Ye Bal'ām Ibn Bā'ūrā', ate mu byafaayo ebirala nga "Bal'am" nga Alif (ا) teriimu. Ate mu kyafaayo ekirala, Bal'ām Ibn 'Aamir. Soma At-Twabari mu Tafsīr ye (13/257) ne Al-Hākim mu "Al-Mustadrak" (2/325).

Ibn Abi Twalhah (ye Abū Al-Haasn 'Ali Ibn Saalim, omukozi wa Ibn 'Abbāsi (ra). Yafa mu 149H. Soma "At-Tarqib" (402).) Yagamba okuva ku Ibn 'Abbāsi (ra): "Mūsā (AS) bwe yagenda gye bali – amakulu ba Jabbārin (Allāh yaboogerako mu Sūrat Al-Mā'idah: 20-26), abaana b'aba kojja be n'abantu be bajja gy'ali ne bagamba, "Mazima Mūsā (AS) musajja w'amaanyi nnyo, era alina abalwaanyi abavumu baangi. Singa atuwamba, ajja kutusaanyaawo.N'olw'ekyo mukowoole Allāh mumusabe akyuse Mūsā n'abo b'ali nabo batuveeko."Bal'ām n'abagamba, "Mazima, singa nsaba Allāh ku Mūsā (AS), nja kufiirwa mu bulamu buno n'Obw'oluvannyuma."Naye ne basigala nga bamusendasenda okutuuaa lwe yabasabira.Allāh n'amujja kw'ekyo (obulunngamu n'okumanya) kye yaliko; era ekyo ky'Ekigambo Kye, **"…naye n'azikanyuga, n'amugoberera sitaane n'abeera ow'omu babuze."** – Yayogerwa Ibn Al-Munthir ne Ibn Abi Haatim nga bw'ekiri mu "Ad-Durr Al-Manthuur" (3/145), okuva ku Ibn Abbas (ra). Al-Haafidh Ibn Kathīr (rh) yagamba mu Tafsīr ye (2/65), "Kino ky'ekimanyifu ennyo ku nsonga lwaki (sabab) Āyah y'ekitiibwa eno yassibwa. Era kyewuunyisa nnyo, era kifu nnyo ekyo abantu kye bagamba nti, "Yaweebwa Obwa Nabbi, naye n'abukanyuga eri."

Ne Ibn Zayd (Ye A'Abdur-Rahmaan Ibn Zayd Ibn Aslam Al-'Adawī. Yafa mu 182H. Soma "At-Taqrib" (340) yagamba, "Ebirowoozo bye n'okwagala kwe by'ali wamu ne by'abantu," – amakulu, abo abaali balwanyisa Mūsā (AS) n'abantu be.

Bw'atyo Allāh (SWT) yanyumya n'annyonnyola ekyafaayo kya kalinkwe oyo eyalekulira Āyāt za Allāh; oluvannyuma lwa Allāh okuzimuwa, yadde nga yali azitegedde era nga wa mu bannannyinzo – naye oluvannyuma **"naye n'azikanyuga"**, amakulu n'alekeraawo okuzikolerako.

Era kyannyonnyolwa nti "okulekulira kwe okwa Āyāt za Allāh" kitegeeza – okuyamba ba mushrikīn n'okubawagira n'endaaba (endowooza) ye, nga akozesa Du'aa gye yasabira Mūsā (AS) n'abagoberezi be nti Allāh abeere nga abakyusa/abalemesa okulumba abantu be (aba Bal'aam), olw'okutya kwe yalina eri abantu be n'okubalumirirwa; wadde nga y'ali amanyi Amazima awamu n'okugakakasa, nga agoogera, n'okugawaako obujulizi n'okugasinza (okusinza Allāh). Naye okugondera kwe eri abantu be, ab'ennganda be n'okwagala kwe (Hawa nafsi), n'okwenywereza kwe (okusiimawo) ku dduniya (obulamu bw'ensi) bye byamuviirako obutagakolerako (Amazima) – okwo kwe "okulekulira kwe okwa Āyāt za Allāh".

Era embeera eyo y'eriwo kati mu ba murtaddīn abo n'okusingawo obubi. Kubanga mu butuufu Allāh abawadde (abalaze) Āyāt Ze omuli ebiragiro bya Tawhīd We, n'okumusinza Yekka awatali kumugattako kintu kyonna; n'okuziyiza shirk ku Ye n'okusinza ekirala ekitali Ye; n'ebiragiro by'okukola Muwālāt eri ba Mu'minīn, okubaagala n'okubayamba, okwenywereza ku Muguwa gwa Allāh fenna awamu, okubeera awamu ne ba Mu'minīn (mu buli mbeera); n'ekiragiro ky'okukola obulabe ku ba mushrikīn, okubakyawa, okubalwanyisa (Jihād, Qitāl), n'okubalekulira; n'ekiragiro ky'okumenyawo ebibuumbe, okujjawo obwa Malaya, obwenzi, okulya ebisiyaga n'obwonoonefu obwa buli kika. Era bakimanyi n'okukakasa bakakasa nti ebiragiro ebya biva ewa Allāh, naye ate oluvannyuma byonna ne babilekulira. Mu butuufu, beebagwanidde okuyitibwa n'okulambibwaako ekikolwa kya "okulekulira Āyāt za Allāh", era kufr ne Riddah waabwe munene nnyo ku wa Bal'aam – oba (ekitono ennyo) beenkana. Tewali kubuusabuusa kwonna nti mu butuufu eno y'embeera yennyini eriwo kati ku mulembe gwaffe

Obujulizi 13: (Hūdu: 113)

Ekigambo kya Allāh (SWT):

وَلاَ تَرْكَنُوٓاْ إِلَى ٱلَّذِينَ ظَلَمُواْ فَتَمَسَّكُمُ ٱلنَّارُ وَمَا لَكُمْ مِّن دُونِ ٱللَّهِ مِنْ أَوْلِيَآءَ ثُمَّ لاَ تُنصَرُونَ

"Era temukyukiranga (temwesigamiranga) eri abo abaalyazaamaanya, Omuliro ne gubakwata – temulina bataasa atali Allāh, oluvannyuma temugenda kutaasibwa."
(Hūdu: 113)

Allāh (SWT) yannyonnyola nti okukyukira/okwesigamira (okudda ku ludda) abalyazaamaanya mu ba kuffar n'abalyazamaanya kiviirako okukwatibwa (okwokyebwa) Omuliro; era Allāh teyayawula wakati w'oyo mu bo akikola olw'okutya n'oyo akikola olw'nsonga endala- okujjako oyo akakiddwa (Mukrahu).

Olwo alamulwa atya omuntu oyo nga embeera eyo (ey'okubakyukira n'adda ku ludda lwabwe – n'abeesigamira) bwe obuwangaazi bwe (nga y'enkola n'obulamu bwe), oba nga akitwala nga ekintu (enkola/embeera) ekirungi; era n'abayamba na buli kimu kyonna ky'asobola mu by'obuggagga/emmaali n'okubawa amagezi/okubawabula; era n'alubirira nnyo okulaba enkomerero ya Tawhīd na ba Muwahhidīn, n'okulaba ba mushrikīn nga babakakanyeeko (nga babalinako obuyinza/okubafuga)?! Mazima ddala, embeera n'enkola eyo ya mu bukaafiiri (kufr) obukyasinze okubeera obw'obulabe/obubi awamu n'okubakyukira/okudda ku ludda lwabwe (ba mushrikīn) okw'obulabe ennyo.

Obujulizi 14: (An-Nahl: 106-107)

Ekigambo kya Allāh (SWT):

مَنْ كَفَرَ بِاللَّهِ مِنْ بَعْدِ إِيمَانِهِ إِلَّا مَنْ أُكْرِهَ وَقَلْبُهُ مُطْمَئِنٌّ بِالْإِيمَانِ وَلَكِنْ مَنْ شَرَحَ بِالْكُفْرِ صَدْرًا فَعَلَيْهِمْ غَضَبٌ مِنَ اللَّهِ وَلَهُمْ عَذَابٌ عَظِيمٌ (106) ذَلِكَ بِأَنَّهُمُ اسْتَحَبُّوا الْحَيَاةَ الدُّنْيَا عَلَى الْآخِرَةِ وَأَنَّ اللَّهَ لَا يَهْدِي الْقَوْمَ الْكَافِرِينَ

"Omuntu awakanya (kufr) Allāh oluvannyuma lw'okukkiriza kwe, okujjako oyo aba akakiddwa (obukakibwa) nga n'omutima gwe guteredde ku bukkiriza – Naye oyo ayanjululiza ekifuba kye (eri) obukaafiiri: Baliko abo okusunguwalirwa okuva eri Allāh. Era balina ebibonyobonyo ebinene. Ekyo lwa kubanga mazima bo bayagalawo obulamu bw'ensi ku (Bulamu) Obw'oluvannyuma. (Ng'ate) ddala mazima Allāh talunngamya kibiina kya bakaafiiri." (An-Nahl: 106-107)

Nabw'ekityo, Allāh (SWT) yalamula okulamula okutakyusibwa era okutakyuka – Nti oyo yenna akyuka okuva ku Ddiini ye (Obusiraamu) n'adda mu bukaafiiri (kufr), abeera akaafuwadde/mukaafiiri (kāfir). K'abe nga alina ekyekwaso ky'okutya n'okutiira obulamu bwe, eby'obuggagga bye, abantu be, etc oba nga tatidde ku lw'abyo; oba (ekikolwa kyo) obukaafiiri abukoze munda (n'omutima gwe) ne ku ngulu (n'ebikolwa bye), oba nga abukoze ku ngulu wokka

so ssi munda (n'ebikolwa bye byokka, so si n'omutima gwe); oba nga akoze kufr n'ebikolwa bye awamu n'ebigambo bye, oba nga abukoze n'ekimu ku byo so ssi by'ombiriri; oba yakoze oba nga teyakoze kufr olw'okwagala okufuna ebimu ku by'enfuna by'edduniya okuva ku ba mushrikūn; **abeera akaafuwadde mu mbeera ezo zonna n'endala eziri nga ezo–** okujjako oyo akakiddwa/awaliriziddwa (Mukrahu). Era mu lulimi lwaffe oyo gwe tuyita 'Maghsūb'.

NB: Maghsūb kiva mu kigambo "Ghasaba Yaghsibu" – ekitegeeza amakulu ga "okukaka, okuwaliriza, okuwamba, okusalako, okuwaguza, okukabiriza, okukwakula, etc." Era Maghsūb ye muntu "akakiddwa, awaliriziddwa, etc." Okusinziira ku kunnyonnyola kw'abakugu b'olulimi Oluwarabu: "Ye muntu akakiddwa okukola ekintu ky'atayagala olw'okuwalirizibwa n'okunyigirizibwa/okuwangulwa." Soma "Lisaan Al-'Arab" (3/526), ne "Al-Misbāh Al-Munīr" (2/729).

N'olw'ekyo singa omuntu (Mu'minu) akakibwa okukola kufr; n'alagirwa "Kola ekikolwa ky'obukaafiiri! Oba ssi ekyo tujja kukutta – oba tujja kukutulugunya"; oba ba mushrikuun ne bamutwala ne bamukuba (enkuba embi era ey'obulabe ennyo) – era nga omukkiriza oyo tasobola kwejjako embeera eyo (ey'okutulugunyizibwa n'okuyigannyizibwa) okujjako nga asoose kukkiriziganya nabo; olwo aba akkirizibwa okukkiriziganya nabo ku ngulu (mu bikolwa bye n'ebigambo bye) – ku kakakkulizo k'okubeera nti omutima gwe mutereevu ku Īmān – amakulu munyweevu ku yo era nga gukkiririza mu yo. Naye ate bw'akkiriziganya nabo n'omutima gwe, olwo abeera kaafir (aba akaafuwadde) – yadde nga abadde akakiddwa bukakibwa (Mukrahu).

Era n'ekitegeerekeka obulungi ennyo okuva mu bigambo bya Imām Ahmad (ye Shaykh-ul Islām, Abū 'Abdillah, Ahmad Ibn Muhammad Ibn Hanbal Ibn Hilāl Ibn Asad Ash-Shaybāni Al-Marwazi. Yawangaalira mu Baghadād, yafa 231H. Soma "At-Taqrīb" (14). Yagamba nti mu mbeera esooka, tabeera Mukrahu – okujjako nga ba mushrikūn babadde bamutulugunyizza. Kubanga Yahyā Ibn Ma'īn (omu ku basomesa ba Imām Ahmad. Ye Abū Zakariyyā Yahyā Ibn Ma'īn Ibn 'Awn Al-Ghatfānī, Imām wa Jarh ne Ta'dīl. Yafa 233H. Soma "At-Taqrīb" (597). Bwe yajja gy'ali nga (Imām Ahmad) mulwadde, Yahyā n'amubuuza ne Salām – naye ye (Imām Ahmad) teyaddamu Salām ye. Olwo Yahyā n'atandika okumwegayirira nga amugamba: "Hadīth ya 'Ammār (Owange gwe Ahmad)! Ne Allāh yagamba **"okujjako oyo aba akakiddwa (obukakibwa) nga n'omutima gwe guteredde ku bukkiriza." (An-Nahl: 106)** Ahmad n'akyuka n'atunula eri oludda olulala; olwo Yahyaa n'agamba, "Takkiriza kyekwaso kyonna?!" Oluvannyuma Yahyā bwe yali agenda, Imām Ahmad n'agamba, "Akozesa Hadīth ya 'Ammār (Allāh amusiime) nga obujulizi,

sso ng'ate Hadīth ya 'Ammār eri (bw'eti – amakulu gaayo), 'Nnabayiseeko (ba mushrikīn) nga bakuvuma (Owange gwe Omubaka wa Allāh) – ne mbaziyiza (okwogera ebigambo nga ebyo), olwo ne **bantulugunya** …' Ate gwe, bakugamba (bugambi) 'Twagala kukutulugunya'." Yahyā kye y'ava agamba, "Ndayira Allāh! Sirabangayo muntu yenna wansi w'Eggulu lya Allāh ategeera Eddiini ya Allāh okukusinga." - Ekyafaayo kino kyawandiikibwa Ibn Abi Ya'lā mu kitabo kye "At-Tabaqāt" (1/404), ne Ibn Al-Jawzi mu "Manāqib Al-Imām Ahmad" okuva ku Abū Bakr Al-Marwathī (474).

Oluvannyuma Allāh (SWT) n'annyonnyola nti ekyaviirako okukaafuwala okwo n'ebibonyobonyo eby'oluberera – ssi lwa kubanga bakkiririza mu shirk; era ssi olw'obutamanya Tawhīd; era ssi olw'okukyawa/okutamwa Eddiini; era ssi olw'okwagala obukaafiiri -- Wabula, ensonga (eviirako okukaafuwala n'ebibonyobonyo eby'oluberera) yali olwa akatundu (akakunkumuka) mu butundu (obukunkumuka) bwa Edduniya (obulamu bw'ensi), bwe yayagalawo/yakulembeza ku Ddiini n'Okusiima kwa Omulezi w'Ebitonde. - Era kino nakyo kijjawo n'okuwakanya ba Murji'ah abagamba nti "okwagala Obusiraamu" n'okukyawa "obukaafiiri" biziyiza okukaafuwaza (Takfīr) ba Wazaga (abo abakobaana n'abakaafiiri ku Basiraamu).Era ababuze bano ababi ennyo ab'obulabe (ba Murji'ah) bawoza nti kasita ensonga ya Muthaaharah ebeera ya "nsonga ya dduniya", olwo omuntu oyo (aba akoze Muthaaharah) takaafuwazibwa.

Olwo Allāh n'agamba;

ذَلِكَ بِأَنَّهُمُ اسْتَحَبُّوا الْحَيَاةَ الدُّنْيَا عَلَى الْآخِرَةِ وَأَنَّ اللَّهَ لَا يَهْدِي الْقَوْمَ الْكَافِرِينَ

"Ekyo lwa kubanga mazima bo bayagalawo obulamu bw'ensi ku (Bulamu) Obw'oluvannyuma. (Ng'ate) ddala mazima Allāh talunngamya kibiina kya bakaafiiri." (An-Nahl: 107)

- - Soma ne Āyāt ebbiri eziddako (108-109).

N'olw'ekyo Allāh (SWT) yabakaafuwaza (yabakolako Takfīr) - Amakulu abantu abo bwe batyo Allāh yagamba n'alangilira nti abantu abo ba kuffaar (bakaafiiri) – nga bw'ekiri mu kitundu kya Āyah **"ddala mazima Allāh talunngamya kibiina kya bakaafiiri"**. Era n'agamba nti tajja kubalunngamya, ne bwe bagezaako okwekwasa nga bawoza nti ekyo baakikola olw'okululunkanira/okwegomba/okuyaayaanira e Dduniya. Oba olyawo onaakizuula lwaki ba Murji'ah b'omulembe guno tebakoma kw'ekyo (eky'okubeera ba Murji'ah) wabula era ba Qusūriyyah (abasinza embiri - z'abakulembeze ne bakabaka). Oluvannyuma Allāh (SWT) n'atunnyonnyola nti abo babeera ba murtaddīn, kubanga baayagalawo era ne bakulembeza

obulamu bwa e Dduniya mu kifo kya Obulamu bw'Oluvannyuma; beebo emitima gyabwe, amatu gaabwe, n'amaaso gaabwe Allāh (SWT) ge yazibikira, era nti be ababuyabuya abalagajjavu; oluvannyuma n'atubuulira ku mbeera yaabwe (obuddo bwabwe);

أَنَّهُمْ فِي الْآخِرَةِ هُمُ الْخَاسِرُونَ

"Kikakafu mazima bo ku Nkomerero be b'okufaafaaganirwa." (An-Nahl: 109)

Obujulizi 15: (Al-Kahf: 20)

Ekigambo kya Allāh (SWT) :

إِنَّهُمْ إِن يَظْهَرُواْ عَلَيْكُمْ يَرْجُمُوكُمْ أَوْ يُعِيدُوكُمْ فِى مِلَّتِهِمْ وَلَن تُفْلِحُوٓاْ إِذاً أَبَداً

"Mazima bwe banaabavumbula bajja kubakuba amayinja oba babazze mu ddiini yaabwe; era nga ekyo kikoleddwa olwo temugenda kulokoka obugenderevu." (Al-Kahf: 20)

Bw'atyo Allāh (SWT) yatubuulira ku Bannannyini Mpuku, nti baayogera ku ba mushrikīn, ne bagamba nti, "Singa babawamba n'okubasinza amaanyi, olwo bajja kukola ekimu ku bintu ebibiri:

i. Bajja kubakuba amayinja. Kino kitegeeza nti bajja kubatta mu ngeri embi ennyo – okubattisa amayinja.
ii. Oba bajja kubazzaayo eri ekkubo lyaabwe n'eddiini yaabwe; era olwo, temujja kulokoka. Kino kitegeeza: Era bwe munaabeeragana nabo kukikwatagana n'eddiini yaabwe oluvannyuma lw'okubawangula n'okubasinza amaanyi, olwo temuli lokoka (okuyingira mu Jannah)."

N'olw'ekyo, eyo y'embeera (ennamula) y'oyo akkiriziganya nabo oluvannyuma lw'okubeera nga bamusazeeko (nga muwambe). Olwo kiri kitya kw'oyo abeeragana nabo (n'abakwana n'abafuula ab'emikwano) n'abasindikira ababaka okumpi n'ewala; n'abaanukula mu buli kye bamusaba – nga takakiddwa yadde okuwalirizibwa?!? Awamu n'ekyo, **"ne balowooza nti mazima bo balunngamu."**! (Sūrat Al-A'rāf: 30)

NB: Imām Ash-Shanqiitii (rh) yagamba mu Tafsīr ye eya Āyah eno: "Abamu ku bamanyi bagya mu Āyah eno Eyekitiibwa, nti ekyekwaso kya Ikrah kiri mu bubonero bwa Ummah obw'enjawulo,

kubanga Ebigambo bye ku Bannannyini Mpuku: **"Mazima bwe banaabavumbula bajja kubakuba amayinja oba babazze mu ddiini yaabwe."** Kyeyolefu bulungi nnyo ku kukakibwa kwaabwe n'okukikola nga bo nga bo tebaagadde kukikola. Yadde nga ekyo bw'ekityo bw'ekiri, Allāh bw'ati bwe yaboogerako: "…**era nga ekyo kikoleddwa olwo temugenda kulokoka obugenderevu.**" Ekyo nno kiraga nti Ikraah (okukakibwa) si kyekwaso ekituufu. Era amakulu (entegeera) gano gajulirwa Hadīth ya Twāriq Ibn Shihāb ekwata ku muntu eya yingira Omuliro olwa ensowera gye yassaddaaka olw'okukakibwa (Ikrāh) olw'okutya okubeera nga attibwa, kubanga baali bamaze okutta munne eyagaana okussaddaaka ekintu kyonna, yadde ensowera. Era kino kiwagirwa "Dalīl Al-Khitāb", amakulu "Mafhūm Al-Mukhālafah" (opposite meaning) mu bigambo bya Nabbi (SAW): "Mazima, Allāh yasonyiyira abantu b'ekibiina kyange; ekikoleddwa mu butanwa, ekiba kikoleddwa olw'okwerabira, n'ekiba kikoleddwa olw'okukakibwa." Olwo kitegeerebwa okuva mu kigambo kye: "…yansonyiyira ku bantu b'ekibiina kyange…" nti etali Ummah ye mu Ummah ezisigadde, Allāh teyazisonyiwa kw'ebyo. Era Hadīth eno, wadde nga Imām Ahmad nr Ibn Abi Hātwim baagamba nti erinamu obukendeevu, abamanyi abaasooka n'abooluvannyuma baagikkiriza, era erina obujulizi obukakafu obujiwagira okuva mu Qur'ān Al-Adhwīm ne Sunnah enkakafu entuufu. Sso ate yo Ummah eno, Allāh (Ta'āla) yannyonnyola bulungi nnyo ekyekwaso (ekisonyiyisa) kyabwe ekya Ikrāh, mu Kigambo Kye: **"okujjako oyo aba akakiddwa (obukakibwa) nga n'omutima gwe guteredde ku bukkiriza."**" "Adhwa Al-Bayān": 4/72-73. Hadīth y'ebyekwaso (ebisonyisa) ebisatu yayogerwa Ibn Mājah, Al-Hākim, Al-Bayhaqi, Ad-Daaraqutni, At-Twabarānī mu "Al-Kabīr" ne mu "Al-Swaghīr". Imām An-Nawawi yagamba nti eri "Hasan" nga bw'ekiri mu kitabo "Jāmi Al-'Ulūmi Wal-Hikam" pg. 350 ne Al-Albānī yagikakasa (obutuufu bwaayo) mu bigambo bye ku kitabo "Al-Mishkāt" (6264) ne mu "Irwā' Al-Ghalīl" (82). Awamu n'okubeera nti yakakasibwa Ahmad Shākir mu Tahqīq ye ey'ekitabo "Al-Ahkām" ekya Ibn Hazm (5/149).

Obujulizi 16: (Al-Hajj: 11)

Ekigambo kya Allāh (SWT):

وَمِنَ ٱلنَّاسِ مَن يَعْبُدُ ٱللَّهَ عَلَىٰ حَرْفٍ فَإِنْ أَصَابَهُ خَيْرٌ ٱطْمَأَنَّ بِهِ وَإِنْ أَصَابَتْهُ فِتْنَةٌ ٱنْقَلَبَ عَلَىٰ وَجْهِهِ خَسِرَ ٱلدُّنْيَا وَٱلْآخِرَةَ ذَٰلِكَ هُوَ ٱلْخُسْرَانُ ٱلْمُبِينُ

"Ne mu bantu mulimu oyo asinza Allāh nga ali ku ndeboolebo (y'okubusabusa mu bukkiriza): bwe bumutuukako obulungi atereera ku kwo; naye bwe kamutuukako akabi,

akyuukira ku maaso ge. Afaafaaganirwa ensi n'Enkomerero.Okwo kwe kufaafaaganirwa okweyolefu." (Al-Hajj: 11)

Allāh (SWT) annyonnyola, **"Ne mu bantu mulimu oyo asinza Allāh nga ali ku ndeboolebo"** – amakulu nga abusabusiza/tasalawo ku ndeboolebo; **"bwe bumutuukako obulungi"** – nga obuwanguzi, ekitiibwa, obulamu obulungi, obutebenkevu, embeera y'obukakkamu, n'ebifaanaganako nga byo; **"atereera ku kwo"** – amakulu: abeera munyweevu, n'agamba n'okugamba 'Eddiini eno nnungi… tetulina kye tugirabamu okujjako bulungi bwerere'; **"naye bwe kamutuukako akabi"** – nga okutya, obulwadde, obwavu, n'embeera ezifaanagana nga zzo; **"akyuukira ku maaso ge"** – amakulu Eddiini agivaamu (Riddah), n'addayo mu ba mushrikīn.

Āyāh eno ennyonnyola bulungi nnyo embeera/enkola y'abo abakyuka okuva ku Ddiini yabwe mu kiseera kye Fitnah (Shirk, Kufr ne bid'ah) kino. Kubanga mazima, oluberyeberye lwa e Fitnah eno, baalinga basinza Allāh ku ndeboolebo (ku lukugiro), amakulu, nga babusabuusa. Tebaali mw'abo abaali basinza Allāh (SWT) nga bakakafu awamu n'okubeera abanyweevu ku kyo. N'olwe'ekyo Fitnah eno bwe yabatuukako, baakyuka ne bava ku Ddiini yaabwe era ne boolesa Muwāfaqah eri ba mushrikīn. Nabw'ekityo bali wamu nabo mu Bulamu Obw'enkomerero (Akhirah) – nga bwe baali wamu nabo mu bulamu buno. Kale nno bwe batyo ne bafaafaaganirwa mu nsi ne ku Nkomerero – era **"Okwo kwe kufaafaaganirwa okweyolefu."**

Bwe batyo (bwe bali), wadde nga abasinga obungi mu bo bali mu masanyu, era n'omulabe tebannaba kumufunamu buzibu. Wabula, endowooza yaabwe ku Allāh (SWT) mbi nnyo era nvundu. Balowooza nti "Allāh (SWT) ajja kuwa obuwanguzi eri obulimba ne bannannyini bwo, bawangule Amazima ne bannannyini go". Bajja kuzikirizibwa olw'endowooza zaabwe envudu ku Allāh (SWT), nga Bwe yagamba kw'abo abamulinako endowooza embi -

وَذَٰلِكُمْ ظَنُّكُمُ ٱلَّذِى ظَنَنتُم بِرَبِّكُمْ أَرْدَاكُمْ فَأَصْبَحْتُمْ مِّنَ ٱلْخَاسِرِينَ

"Okwo okulowooza kwammwe okwo kwe mwalowooza ku Mulezi wammwe, kwe kubazikirizza ne mukeesa nga muli mu bafiiriddwa." (Fusswilat: 23)

- nga Allāh (SWT) bwe yalaga ku Lutalo lwa Al-Ahzāb;

إِذْ جَاءُوكُمْ مِنْ فَوْقِكُمْ وَمِنْ أَسْفَلَ مِنْكُمْ وَإِذْ زَاغَتِ الْأَبْصَارُ وَبَلَغَتِ الْقُلُوبُ الْحَنَاجِرَ وَتَظُنُّونَ بِاللَّهِ الظُّنُونَا (10) هُنَالِكَ ابْتُلِيَ الْمُؤْمِنُونَ وَزُلْزِلُوا زِلْزَالًا شَدِيدًا (11) وَإِذْ يَقُولُ الْمُنَافِقُونَ وَالَّذِينَ فِي قُلُوبِهِمْ مَرَضٌ مَا وَعَدَنَا اللَّهُ وَرَسُولُهُ إِلَّا غُرُورًا

"Mu kiseera awo (amagye g'aba mushrikīn) bwe baabajjira nga bayita waggulu wammwe ne wansi wammwe ne mukiseera amaaso bwe gaalalamba (ne mutunula enkaliriza) n'emitima ne gituuka mu malookooli, ne mulowooza ku Allāh ebirowoozo ebitali bimu (okumubusabuusa)! Mu kiseera ekyo baagezesebwa abakkiriza (olugezesa olw'amaanyi) era ne bakankanyizibwa olukankana oluyitirivu. Era awo abannanfuusi we baagambira n'abo abalina enddwadde mu mitima gyabwe nti: 'Allāh n'Omubaka We tebaatulagaanyisa wabula kutuguyaaguya buguyaaguya!'" [Al-Ahzaab: 10-12].

N'olw'ekyo, abange mwe (mwenna) Allāh (SWT) baagabiridde era n'abasaasira n'obunyweevu ku Busiraamu – mubeere beegenderezza nnyo ssi kuba nga wabaawo okubusabuusa (n'okubuzabuzibwa) kwonna ne kuyingira mu mitima gyammwe, oba okusiima n'okulungiwilwa embeera y'aba murtaddīn; era tolowoozanga nti okulaga n'okwolesa okubeeragana n'okugondera ba mushrikīn nti kintu (ekikolwa/enkola) kirungi, olw'okubanga gwe oyagala; kusiimisa n'okusanyusa abantu abamu, eby'obuggagga, oba ebintu ebirala abantu bye bagulumiza. Kubanga mazima, okubuzabuzibwa (Shubhāt) kuno kubuzizza bangi nnyo mu baakulembera n'abo abajja oluvannyuma lwabwe – ne batuuka n'okukola shirk ku Allāh (SWT); naye era ekyo (eky'ekwaso ekyo) tekyabasonyiyisa mu maaso ga Allāh (SWT).

Wabula, abasinga obungi mu bo Amazima bagamanyi era bagakkiririzaamu mu mitima gyabwe – naye ate ne bawambaatira n'okuvumbagira shirk ku lwe Ebyekwaso (Ebitakkirizibwa) Omunaana Allāh (SWT) bye yayogerako mu Kitabo Kye. Era Allāh (SWT) tajja kusonyiwa muntu yenna olw'ebyekwaaso ebyo, kabibe nga byonna bileeteddwa oba ebimi ku byo… nabw'ekityo n'alangirira;

وقُلْ إِن كَانَ آبَاؤُكُمْ وَأَبْنَآؤُكُمْ وَإِخْوَانُكُمْ وَأَزْوَاجُكُمْ وَعَشِيرَتُكُمْ وَأَمْوَالٌ ٱقْتَرَفْتُمُوهَا وَتِجَارَةٌ تَخْشَوْنَ كَسَادَهَا وَمَسَاكِنُ تَرْضَوْنَهَآ أَحَبَّ إِلَيْكُمْ مِّنَ ٱللَّهِ وَرَسُولِهِ وَجِهَادٍ فِى سَبِيلِهِ فَتَرَبَّصُواْ حَتَّىٰ يَأْتِىَ ٱللَّهُ بِأَمْرِهِ وَٱللَّهُ لاَ يَهْدِى ٱلْقَوْمَ ٱلْفَاسِقِينَ

"Gamba nti: Bwe babeera nga [1] bakitammwe, [2]ne batabani bammwe, [3] ne baganda bammwe, [4] ne bakyala bammwe, [5] n'ab'oluganda lwammwe, [6] n'emmaali gye

mufunye, [7] n'eby'okusuubula bye mutya okudiba, [8] n'amayumba ge mweyagaliramu – (Bwe biba nga ebyo) bye bisinga okwagalwa gye muli okusinga Allāh n'Omubaka We, n'Okulwana mu Kkubo Lye; Kale mulindirire okutuusa Allāh lw'anaaleeta Ekiragiro (Ekibonerezo) Kye. Ne Allāh talunngamya kibiina ky'aboonoonyi." (At-Taubah: 24)

Obujulizi 17: (Muhammad: 25-28)

Ekigambo kya Allāh (SWT):

إِنَّ الَّذِينَ ارْتَدُّوا عَلَى أَدْبَارِهِمْ مِنْ بَعْدِ مَا تَبَيَّنَ لَهُمُ الْهُدَى الشَّيْطَانُ سَوَّلَ لَهُمْ وَأَمْلَى لَهُمْ (25) ذَلِكَ بِأَنَّهُمْ قَالُوا لِلَّذِينَ كَرِهُوا مَا نَزَّلَ اللَّهُ سَنُطِيعُكُمْ فِي بَعْضِ الْأَمْرِ وَاللَّهُ يَعْلَمُ إِسْرَارَهُمْ (26) فَكَيْفَ إِذَا تَوَفَّتْهُمُ الْمَلَائِكَةُ يَضْرِبُونَ وُجُوهَهُمْ وَأَدْبَارَهُمْ (27) ذَلِكَ بِأَنَّهُمُ اتَّبَعُوا مَا أَسْخَطَ اللَّهَ وَكَرِهُوا رِضْوَانَهُ فَأَحْبَطَ أَعْمَالَهُمْ

"Mazima abo abaakyuka (ne baddayo) emabega waabwe (ne bakaafuwala) oluvannyuma lw'okubeyolekera (ekkubo lyo) obulunngamu – Sitaane ye yabasendasenda n'abagayaaza wamu n'okubakwenyakwenya (n'ebisuubizo eby'obulimba)! Ekyo lwa kubanga bo baagamba abo abatamwa ekyo Allāh kye yassa, nti: "Tujja kubagonderanga mu nsonga/ebigambo ebimu." Naye Allāh amanyi ebyama byabwe.Ngeri ki (bwe kiribeera) nga Bamalaika bwe baliba nga babatta (nga babaggyamu emyoyo) nga (eno bwe) babakuba mu maaso gaabwe n'emabega waabwe? Ekyo (kya kubakolwa) olw'okubanga mazima bobaagoberera ebyo ebisunguwaza Allāh ne bakyawa okusiima Kwe (ebyo by'asiima). Kyeyava ayonoona emirimu gyabwe." (Muhammad: 25-28)

- embeera eyo, eya Iblis okusendasenda abantu n'ebisuubizo eby'obulimba nokubagayaaza, Allāh (SWT) yajogerako awalala mu Qur'ān: Al-An'ām: 43-44, Ibrāhīm: 42, Al-Qalam: 44-45 n'awalala.

Bwatyo Allāh (SWT) yayogera kw'abo abakyuukira ku bisinziiro byabwe, nti oluvannyuma lw'okulagibwa Amazima mu bwennyini bwaago, ne rutaddika (bakaafuwala) naye ate nga bakimanyi. Era okumanya Amazima kwe baalina, awamu ne Riddah (okuva mu ddiini) yabwe,

tekwabagasa; era Sitaane yabalimba n'okusendasenda kwaayo n'okubalungiyiza ebikolwa byabwe ebya Riddah.

Embeera y'emu ku ba murtaddīn mu fitnah (ebizibu n'emitawana) eno. Sitaane yamala okubasendasenda n'okubabuzabuza n'ekyekwaso eky'empewo nti ekyekwaso ky'okutya (Khawf) kituufu eri bo okubeera nga bakola Riddah wabwe, era nti n'okumanya Amazima (Obusiraamu) kwe baalina, okugaagala n'okugakakasa – ekikolwa kyabwe (ekya Muthāharah) tekijja kubakosa. Era beerabidde nti abasinga obungi mu ba mushrikīn Amazima bagamanyi, bagaagala, era bagajulira – naye ate ne bagaawukanako (ne bagalekulira n'okugalekawo) olw'okwagala n'okukulembeza Edduniya, n'olwa Khawf (okutya) eri obulamu bwabwe, eby'obuggagga, emmere, oba ebifo by'obukulembeze. Nga Allāh (SWT) bwe yatubuulira ku bo mu Sūrat An-Nisā: 138-139 ne Al-Munāfiqūn: 8

Oluvannyuma Allāh (SWT) n'agamba, **"Ekyo lwa kubanga bo baagamba abo abatamwa ekyo Allāh kye yassa, nti: "Tujja kubagonderanga mu nsonga/ebigambo ebimu."** Bw'atyo Allāh (SWT) n'annyonnyola nti ensonga lwaki baarutaddika, n'okusendasendebwa Sitaane, n'essubi lye yabawa – kwe kugamba abo abaakyawa Allāh (SWT) bye yassa: "**Tujja kubagonderanga mu nsonga/ebigambo ebimu.**"

Nabw'ekityo bw'ekiba nti oyo yenna eyasuubiza okugonderanga ba mushrikīn -- abo abatamwa/abaakyawa ebyo Allāh (SWT) bye Yassa --mu nsonga ezimu (si mu buli kimu) akaafuwala, wadde nga tatuukirizza ekyo kye yabasuubiza; Olwo alamulwa atya oyo akola omukwano (okubeeragana – harmonize) ne ba mushrikīn -- abo abatamwa/abaakyawa ebyo Allāh (SWT) bye Yassa – ku kikwatagana ne Ekiragiro ky'okukola Ibādāt eri (ku lwa) Allāh (SWT) Yekka awatali kumugattako kintu kyonna, n'okuleka/okwesamba okukola Ibādāt eri (ku lwa) ekirala kyonna ekitali Ye, mw'ebyo byonna ebisinzibwa ebitali Ye, Twawāghīt , n'ebifu; oluvannyuma n'agamba nti ali ku bulungamu, era nti ba Muwahhidīn bakyamu okubeera nga balwana (nga balwanyisa abo abasinza ba Twawāghīt); era n'agamba nti okwewaayo (to surrender) gye bali n'okwegatta ku Ddiini yabwe ey'obulimba nti lye ekkubo ettuufu?!

Mu butuufu, abantu nga abo beebasinga okugwanira Riddah (okurutaddika) okusinga abo abasuubiza obusuubiza okugondera ba mushrikīn mu nsonga ezimu. Oluvannyuma Allāh (SWT)(SWT) atubuulira ku bubi n'obukambwe bwe embeera yabwe mu kiseera nga bafa (nga basokolwaamu emyoyo gyabwe), nga bw'Agamba, **"Ekyo lwa kubanga"** – ng'ategeeza obukambwe n'obubi bw'embeera yabwe mu kiseera nga bafa; **"olw'okubanga mazima bo baagoberera ebyo ebisunguwaza Allāh ne bakyawa okusiima Kwe (ebyo by'asiima). Kyeyava ayonoona emirimu gyabwe."**

Tewali Musiraamu yenna ayinza kubusabusa nti okugoberera (okugondera) ba mushrikīn n'okwegatta (okuyingira) mu kibinja kyabwe; nga ajulira nti bo (ba mushrikīn) bali ku Mazima; okukolagana nabo mu kusanyaawo Tawhīd ne bannannyini yo – Muwahhidīn; n'okuyamba ba Qibāb, obuseegu/obwamalaya, obuli bw'ebisiyaga, etc – biri/bigwa mu 'okugoberera ebyo ebinyiza Allāh (SWT), n'okukyawa Okusiima Kwe' – ne bwe bawoza nga bekwasa nti babikola olwa Khawf (okutya). Kubanga mazima ddala, Allāh (SWT) teyasonyiwa yadde okuddiramu abo abaarutaddika (ba Murtaddīn) olw'okubanga baali batidde (Khawf). Wabula, Yagaana okubeera nga tubatya – Sūrat Aal-Imrān: 175. Olwo kino okigerageranya otya n'abo abagamba "Tewali kintu (ekibi) kyonna kye tukoze – tukyali ku Ddiini (Obusiraamu) yaffe"?

NB: Mufassir w'omulembe ogwo, Imām Ash-Shanqiitī (rh) yagamba mu Ahdwā' Al-Bayān, mu Tafsīr ye eya Āyāt zino ze nnyini (Muhammad: 25-28), nti: "Buli Musiraamu yenna ateekedwa okumanya nti mu kiseera kino (Zamaan), kimukakatako okubeera nga afumiitiriza n'okulowooza ennyo ku Āyāt zino eza Sūrat Muhammad – n'okubeera omwegendereza ennyo ku okulabula n'okutiisa kw'azo okukakali ennyo. Kubanga bangi nnyo mw'abo ab'eyita (Intisāb) Abasiraamu, baagwa ddala wansi w'okulabula kuno okukambwe awatali kubusabusa kwonna. Abakaafiiri b'omu buvanjuba (East) n'obugwanjuba (West) batamwa/bakyawa ebyo Allāh bye yassa ku Muhammad ((SAW)), amakulu Qur'ān n'okunnyonnyola kwaayo – Sunnah. Nabw'ekityo, oyo yenna agamba abakaafiiri bano – abatamwa Allāh bye yassa: "Tujja kubagondera mu nsonga ezimu" – owlo aba amaze okuyingira (Dākhil) mu kulabula kwaĀyah eno. Era n'abo abasinga okugwanira okulabula/okutiisa kwaAayaat zino okusinga kw'abo aboogeddwaako, beebo abagamba abakaafiiri, "Tujja kubagondera mu nsonga ezimu" nga tugoberera Qawānīn Wadh'iyyah (amateeka abantu gebagujaawo - constitution) – nga bagondera abo abatamwa n'okukyawa ebyo Allāh bye yassa. N'olw'ekyo kw'abo, tewali kubusabusa kwonna nti Bamalaika bajja kubakuba mu byeenyi byabwe n'emigongo gyabwe mu kiseera nga babasikambulamu emyoyo gyabwe. Era tewali kubusabusa kwonna, nti beebetuusako Obukambwe bwa Allāh, era baatamwa n'okukyawa okukola by'Asiima. Tewali kubusabusa kwonna Allāh ajja kwonoona/kusazaamu emirimu gyabwe gyonna. N'olw'ekyo beera mwegendereza nnyo mu buli ngeri yonna obutabeera mw'abo abagamba, "Tujja kubagondera (nga) mu nsonga ezimu".

Obujulizi 18: (Al-Hashr: 11-12)

Ekigambo kya Allāh (SWT):

أَلَمْ تَرَ إِلَى الَّذِينَ نَافَقُوا يَقُولُونَ لِإِخْوَانِهِمُ الَّذِينَ كَفَرُوا مِنْ أَهْلِ الْكِتَابِ لَئِنْ أُخْرِجْتُمْ لَنَخْرُجَنَّ مَعَكُمْ وَلَا نُطِيعُ فِيكُمْ أَحَدًا أَبَدًا وَإِنْ قُوتِلْتُمْ لَنَنْصُرَنَّكُمْ وَاللَّهُ يَشْهَدُ إِنَّهُمْ لَكَاذِبُونَ (11) لَئِنْ أُخْرِجُوا لَا يَخْرُجُونَ مَعَهُمْ وَلَئِنْ قُوتِلُوا لَا يَنْصُرُونَهُمْ وَلَئِنْ نَصَرُوهُمْ لَيُوَلُّنَّ الْأَدْبَارَ ثُمَّ لَا يُنْصَرُونَ

"Tolaba (Owange gwe Muhammad) abannanfuusi abagamba baganda baabwe (Ikhwān), abo abaagaana okukkiriza mu Bannannyini Kitabo nti, "Mazima bwe munaaba nga mugobeddwa, ddala tujja kugenda nammwe, era tetujja kugondera muntu n'omu ku lwammwe obugenderevu, ate bwe munaaba mulumbiddwa/mulwanyisibbwa (Abasiraamu), mazima tujja kubadduukirira." Wabula Allāh Ajulira/Mujulizi nti mazima bo balimba." (Al-Hashr: 11-12)

- Ekigambo "Ikhwān" kitegeeza "ab'oluganda". Shaykh Abū Muhammad Al-Maqdisī yagamba mu kitabo kye "Ash-Shihāb Ath-Thāqib", "Ffumitiriza nnyo ku ngeri Allāh gy'abagasse ku ba kuffaar n'akakwate ka "sseluganda" (brotherhood). N'olwe'ekyo Allāh yalangirira nti abo abakobaana (ba wazaga/collaborators) n'abakaafiiri babeera bakaafiiri (Takfīr) olw'okubasubiza obusubiza okubayambako (ku Bakkiriza)."

Nabw'ekityo Allāh (SWT) yakola akakwate k'obwa sseluganda (brotherhood) wakati w'aba munaafiqīn n'abakuffāru. Era n'atubuulira ntu babagamba mu kyama nti **"Mazima bwe munaaba nga mugobeddwa, ddala tujja kugenda nammwe"** – amakulu: nti singa Muhammad (SAW) abawangula n'abagoba okuva mu nsi yammwe, naffe tujja kugenda wamu nammwe; **"era tetujja kugondera muntu n'omu ku lwammwe"** – amakulu: tetujja kuwuliriza ekigambo ky'omuntu yenna ku mmwe, yadde okugondera omuntu n'omu yenna ku mmwe; **"ate bwe munaaba mulumbiddwa, mazima tujja kubadduukirira."** – amakulu: era singa Muhammad (SAW) abalwanyisa, mazima tujja kubawagira awamu n'okubera awamu nammwe. Oluvannyuma Allāh (SWT) n'ajulira nti bo balimba mu kwogera ebigambo ebyo.

N'olw'ekyo bw'ekiba nti okusuubiza mu kyama ba mushrikīn okubeera nga obeegattako, okubayamba n'okugenda mu bunyage awamu nabo bwe baba nga bawangangusiddwa – bubeera bukaafiiri (kufr) na bunnaanfuusi (nifāq), yadde nga obadde olimba; Olwo kiri kitya kw'abo ababyolesa gye bali mu butuufu (nga tebabalimba); era ne bagenda gye bali, ne babagondera n'okukikubiriza (eky'okubagondera eri Abasiraamu abalala), n'okubawagira, okuwewaayo gye

bali, ne bafuuka ekitundu ku kibinja kyabwe, n'okubayambako nga bakozesa emmaali (eby'obuggagga) yabwe n'okubaketterako/okubabegerako (Intelligence/spying)?!

Awamu n'okubeera nti ba munāfiqīn ekyo tebaakikola okujjako olw'okutya embeera embi, nga Allāh (SWT) bwe yagamba;

فَتَرَى الَّذِينَ فِي قُلُوبِهِمْ مَرَضٌ يُسَارِعُونَ فِيهِمْ يَقُولُونَ نَخْشَى أَنْ تُصِيبَنَا دَائِرَةٌ

"Tolaba abo abalina mu mitima gyabwe obulwadde (bwa obunnaanfuusi) nga baanguyira okuba mu bo (okubeera emikwano gyabwe), nga bagamba (mu kwekwasa) nti: 'Tutya okututuukako enkyukakyuka (embeera) embi.'" (Al-Mā'idah: 52)

- Ffumitiriza nnyo ku lwaki Imām yaddingana ekigambo kino mu njogera ez'enjawulo – "Kino awamu n'okubeera nti ba munaafiqeen bino tebabikola okujjako olw'okutya embeera embi" – Lwaki? Okuddamu – Imām ayagala kukakasa nti "Okutya" si kyekwaso kituufu okukola Muthāharah – okwawukanako ku kyekwaso kya ba Qusūriyyah ba ennaku zino.

Embeera y'aba murtaddīn abasing obungi mu kiseera kya fitnah kino bw'etyo bw'eri. Kubannga ekyekwaso ky'abasinga obungi mu bo ky'ekyo kye nnyini Allāh kye yannyonnyola **"abo abalina mu mitima gyabwe obulwadde"** – era ekyekwaso kyabwe ekyo teyakikkiriza. Allāh (SWT) yagamba;

فَعَسَى اللَّهُ أَنْ يَأْتِيَ بِالْفَتْحِ أَوْ أَمْرٍ مِنْ عِنْدِهِ فَيُصْبِحُوا عَلَى مَا أَسَرُّوا فِي أَنْفُسِهِمْ نَادِمِينَ (52)
وَيَقُولُ الَّذِينَ آمَنُوا أَهَؤُلَاءِ الَّذِينَ أَقْسَمُوا بِاللَّهِ جَهْدَ أَيْمَانِهِمْ إِنَّهُمْ لَمَعَكُمْ حَبِطَتْ أَعْمَالُهُمْ
فَأَصْبَحُوا خَاسِرِينَ

"Oba olyawo Allāh n'aleeta obuwanguzi oba ekigambo okuva Gy'Ali. Olwo ne bakeesa enkya kw'ekyo kye bakwese mu mitima gyabwe nga bejjusa. Abakkiriza ne bagamba: Abo be bo abaalayiranga Allāh mu kukakasa ebirayiro byabwe nti mazima bo bali wamu nammwe (Abasiraamu)? Gyayonooneka emirimu gyabwe, ne bakeesa nga bafaafaaganiddwa." (Al-Mā'idah: 52-53)

Oluvannyuma Allāh (SWT) n'agamba;

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا مَنْ يَرْتَدَّ مِنْكُمْ عَنْ دِينِهِ فَسَوْفَ يَأْتِي اللَّهُ بِقَوْمٍ يُحِبُّهُمْ وَيُحِبُّونَهُ أَذِلَّةٍ عَلَى الْمُؤْمِنِينَ أَعِزَّةٍ عَلَى الْكَافِرِينَ يُجَاهِدُونَ فِي سَبِيلِ اللَّهِ وَلَا يَخَافُونَ لَوْمَةَ لَائِمٍ ذَٰلِكَ فَضْلُ اللَّهِ يُؤْتِيهِ مَن يَشَاءُ وَاللَّهُ وَاسِعٌ عَلِيمٌ

"Abange mmwe Abakkiriza! Omuntu akyuka okuva ku ddiini ye, Allāh ajja kuleetawo ekibiina ky'abantu (mu kifo kye) b'ayagala era abamwagala, abakkakkamu ku bakkiriza, abakambwe ku bakaafiiri, abalwana mu Kkubo lya Allāh, era nga tebatya kunenya kwa munenyi yenna. Ekyo bwe bulungi (ekyengera) bwa Allāh ku muntu gw'aba ayagadde. Ne Allāh Mugazi, Mumanyi wa byonna" (Al-Mā'idah: 54)

Bw'atyo Allāh (SWT) yannyonnyola nti ebbanga ba murtaddīn lye bamala nga webali, mu ngeri y'emu yennyini ba Mujīhidīn n'abo bateekeddwa okubeerawo, Abaagala Allāh (SWT) , ne Allāh (SWT) naye nga abaagala. Era n'abatenda nti bakkakkamu era abakwataempolaeri ba Mu'minūn; bakambwe, baabulabe era bakabenje nnyo eri abakaafiiri. Nga bw'ekiri mu Sūrat Al-Fat'h: 29.

Okwawukanako n'abo aboolekeza obukkakkamu, ebuwombeefu n'obukwatampola bwaabwe eri abo abasinza Qibāb, ba malaaya n'abali ba ebisiyaga; so ate ne boolekeza amaanyi n'obukambwe bwaabwe eri banna Tawhīd ne Ikhlāswi. Era obujulizi buno **bumala** okulaga/okukakasa obukaafiiri (kufr) bw'oyo yenna abeeragana nabo.

Era singa awoza nti yabadde atidde (Khā'if), Allāh (SWT) yagamba dda nti **"era nga tebatya kunenya kwa munenyi yenna"** – era kino kyennyume/kyawukana kw'abo abalekulira amazima ne Jihād ku lwa Khawf (okutya) eri ba mushrikīn.

Oluvannyuma Allāh (SWT) n'agamba **"abalwana mu Kkubo lya Allāh"** – amakulu: ku lw'okwawula (Tawhīd) Allāh, nga bagumiikiriza ku kyo, nga banoonya Ekyenyi (Okusiimibwa) kya Omulezi wabwe, Ekigambo Kye (Lā ilāha illa Allāh) kibeere Waggulu.

"Era nga tebatya kunenya kwa munenyi yenna" – amakulu: tebataataaganyizibwa abo bonna ababanenya n'okubakolako obulabe ku lwa eddiini yabwe; wabula, bagenda mu maaso n'eddiini yabwe nga ba Mujaahideen mu Kkubo lyaayo; nga ne batunulira kunenya kw'omuntu yenna okuva mu bitonde, yadde obusungu bwe, yadde okusiima kwe; ekilubirirwa kyabwe n'ekigendererwa kyabwe kye balafuubanira n'okweyunira kwe Okusiima kwa Sayyid (Omulezi) wabwe, Ma'būd (Asinzibwa) wabwe, n'okudduka Obusungu Bwe.

Era ekyo kye ekyennyume ky'abo nga ekilubirirwa kyabwe n'okwagala kwabwe kwe okusiimisa abo abasinza zi Qibaab, ba malaaya n'abali ba ebisiyaga – ssaako n'okubeera n'essuubi mu bo, n'okudduka buli kamu konna akabanyiza! Era eyo y'entikko y'obubuze n'obunnaanfuusi.

Oluvannyuma Allāh (SWT) n'agamba**"Ekyo bwe bulungi (ekengera) bwa Allāh ku muntu gw'aba ayagadde. Ne Allāh Mugazi, Mumanyi wa byonna"** – Bw'atyo Allāh (SWT) n'annyonnyola nti ebitendo ebyo eby'ekitiibwa era ebikulu ennyo ebibeera ku bantu banna Īmān n'obunyweevu ku ddiini yabwe mu kiseera/biseera bya Riddah ne Fitnah – nti tebasobola (abo abakkiriza) kubituukiriza (Īmān n'obunyweevu ku Busiraamu) n'amaanyi gabwe yaddde okwagala kabwe – wabula kibeera Kyengera (Bulungi) bwa Allāh (SWT) bw'Awa oyo yenna gw'Aba Ayagadde; nga bwe yagamba;

يَخْتَصُّ بِرَحْمَتِهِ مَن يَشَآءُ وَاللَّهُ ذُو الْفَضْلِ الْعَظِيمِ

"Ayawulira okusaasira Kwe oyo gw'Aba ayagadde; era Allāh ye nannyini byengera Ebinene Ennyo (ebitaggwaayo)" (Aal-Imrān: 74)

Oluvannyuma Allāh (SWT) n'agamba;

إِنَّمَا وَلِيُّكُمُ اللَّهُ وَرَسُولُهُ وَالَّذِينَ آمَنُوا الَّذِينَ يُقِيمُونَ الصَّلَاةَ وَيُؤْتُونَ الزَّكَاةَ وَهُمْ رَاكِعُونَ

"Mazima Omukuumi wammwe (Omwesimbu Yekka) ye Allāh, n'Omubaka We n'abo abakkiriza – abo abayimirizaawo esswala ne bawaayo zzakaati nga bo bakutama (Rāki'uun)" (Al-Mā'idah: 55)

Nabw'ekityo, Allāh (SWT) yalagira, mu ngeri y'okumanyisa/okutegeeza, okwekwata/okubeera n'obwesigwa (walaa') eri:

1) Allāh (SWT)
2) Omubaka We.
3) Ne ba Mu'minīn.

Nga ne mu kyo (ekiragiro ekyo) mulimu okugaana n'okuziyiza (haraam) Muwālāt (okukwana, okwesigamira, okusembeza, okubeera n'obwesigwa, etc) eri abalabe ba Allāh (SWT), Omubaka We ne ba Mu'minīn. Era tewali kubuzabuzibwa kwonna – amakulu kitegeerekeka bulungi nnyo – kibinja ki kw'ebyo ebibiri ekiri okumpi ne Allāh (SWT), Omubaka We, okuyimirizaawo esswala

n'okuwaayo Zakāt: Be ba nnannyini masanamu, Qibāb, obwa malaaya, ebisiyaga, omwenge, n'obwonoonefu; oba Bannannyini Ikhlaasu, okuyimirizaawo esswala n'okuwaayo Zakāt? - Era tewali kubusabusa kwonna kibinja ki ku byombiriri ekiganzi eri Allāh – Abo abayimirizaawo Jihād ku ba Zionists ne ba Crusaders, abo abalwana okubeera nga bayimirizaawo Amateeka ga Allāh n'okufuula Ekigambo Kye okubeera nga kye ekya Waggulu, okutambulira ku Millat Ibrāhīm nga ba Hunafā; oba abo abakolagana ne ba Zionists, Hindus ne ba Crusaders mu kutta Abasiraamu n'okuwamba amataka gaabwe, okubeegayirira bawambe/basenge mu Kyombo kya Muhammad (SAW), n'okweteekawo nga abalamuzi awamu ne Allāh.

N'olw'ekyo abo abakola Muwālāt eri ekyennyume kyabwe (i.e. Abakkiriza), Walā' yabwe baba bagitadde mu kifo ekitali kyaayo. Bawanyisa Muwālāt eri Allāh (SWT), Omubaka We n'Abakkiriza – abo abayimirizaawo esswala n'okuwaayo Zakāt – olwa Muwālāt eri banna shirk, amasanamu, ne Qibāb.

Oluvannyuma Allaah (Ta'āla) n'alaga nti Obuwanguzi bwa Ekibiina Kye n'abo abakola Muwālāt nakyo, nga bwe yagamba;

وَمَنْ يَتَوَلَّ اللَّهَ وَرَسُولَهُ وَالَّذِينَ آمَنُوا فَإِنَّ حِزْبَ اللَّهِ هُمُ الْغَالِبُونَ

"N'oyo yenna atwala Allāh, Omubaka We n'Abakkiriza nga ba Awliyā' – Mazima Ekibiina kya Allaah bo be b'okuwangula." (Al-Mā'idah: 56)

Obujulizi 19: (Al-Mujādilah: 22)

Allāh (SWT) yagamba, nti;

لاَّ تَجِدُ قَوْماً يُؤْمِنُونَ بِٱللَّهِ وَٱلْيَوْمِ ٱلآخِرِ يُوَآدُّونَ مَنْ حَآدَّ ٱللَّهَ وَرَسُولَهُ وَلَوْ كَانُوۤاْ آبَآءَهُمْ أَوْ أَبْنَآءَهُمْ أَوْ إِخْوَانَهُمْ أَوْ عَشِيرَتَهُمْ

"Toyinza kusanga kibiina (ky'abantu) abakkiriza Allāh n'Olunaku Lw'enkomerero nga baagala abo abayigganya Allāh n'Omubaka We nandibadde nga babadde bakitaabwe oba batabani baabwwe oba banganda baabwe oba ab'ennganda zaabwe." (Al-Mujādilah: 22)

Allāh (SWT) yannyonnyola n'okukakasa nti tojja kusanga (tewaliiyo) muntu yenna alina Īmān mu Allāh n'Olunaku Lw'enkomerero, nga akwana abo abayigganya/abawakanya Allāh n'Omubaka we – ne bwe baba n'oluganda (olw'omusaayi) nga lwa kumpi nnyo. Ekyo

(Muthāharah) kisazaamu Īmān era kikontana nayo; era ekyo (Muthāharah) ne Īmān tebisola kugattibwa awamu, okujjako mu ngeri y'emu nga amazzi n'omuliro gye bigattibwamu.

Era mazima Allāh (SWT) yagamba mu kifo ekirala, nti;

يَٰٓأَيُّهَا ٱلَّذِينَ آمَنُواْ لاَ تَتَّخِذُوٓاْ آبَآءَكُمْ وَإِخْوَانَكُمْ أَوْلِيَآءَ إِنِ ٱسْتَحَبُّواْ ٱلْكُفْرَ عَلَى ٱلإِيمَانِ وَمَن يَتَوَلَّهُمْ مِّنكُمْ فَأُوْلَٰئِكَ هُمُ ٱلظَّالِمُونَ

"Abange mmwe abakkiriza! Temufuulanga bakitammwe ne baganda bammwe nga ba Awliyā' bwe baba nga baagaddewo obukaafiiri ku bukkiriza. N'omuntu yenna an'aba abafudde ba Awliyā' mu mmwe, n'abo be balyazaamaanyi." (At-Taubah: 23)

Nabw'ekityo mi Āyāt ezo ebbiri, mulimu okulabula okw'enkukunala – nti tewaliiwo kyekwaso (ekituufu) kyonna eri omuntu yenna okubeeragana (okukwana) ne kufr, wadde olw'okutya ku (kikwatagana) ne emmaali, bataata, abaana, omukyala/omwami (Sūrat At-Taghābun: 14), ab'oluganda, oba ebintu ebirala nga byo abantu bye beekwasa nabyo.

Era bw'ekiba nti Allāh teyakkiriza muntu yenna okubeera nga alaga abantu ng'abo (waggulu) obwesigwa/omukwano gwonna, yadde okukkiriza okubatwala nga ba Awliyā' – oba ku lw'okutya obulabe bwabwe, wadde okubasiimisa; Olwo butya kw'abo abatwala abakaafiiri abeewala ennyo nga ba Awliyā' babwe era nga bannaabwe; Era ne babalaga (okweyisa gye bali) n'omukwano eri eddiini yabwe, kubanga batidde ezimu ku nsonga ezogeddwaako, n'olw'okubaagala??

N'ekisinga okwewuunyisa ku bantu abo, kwe kwagala n'okulafuubana okukkirizisa (Istihsān) omukwano ogwo, era bo bagutwala okubeera Halāl (Istihlāl). Mu ngeri eyo awamu n'okurutaddika (Riddah), bongerezaako n'okulangilira Harām okubeera Halāl! - Ekyo kyennyini kye ekikolebwa ba Murji'ah. Era ebigambo ebyo biddamu bulungi nnyo (okuwakanya) ba Murji'ah b'omulembe guno. Imām teyakoma ku kwawula (okulaga enjawulo) wakati w'ekintu/ensonga/ekikolwa ekiri Istihlāl ne ekintu/ekikolwa/ensonga eri Muthāharah – wabula ekimu (ekikolwa) yakiyita Istihlāl (okufuula ekintu/ekikolwa nti kya Halāl) ate ekirala n'akiyita riddah (ekikolwa/ensonga ekaafuwaza/okujja nannyini kyo/yo mu Busiraamu), n'olw'ekyo tewaliiwo ngeri yonna Murji'ah gy'ayinza kukola Ta'wīl ku nsonga eno.

Obujulizi 20: (Al-Mumtahinah: 1)

Etteeka lya Allāh (SWT);

يَٰٓأَيُّهَا ٱلَّذِينَ ءَامَنُواْ لَا تَتَّخِذُواْ عَدُوِّى وَعَدُوَّكُمْ أَوْلِيَآءَ تُلْقُونَ إِلَيْهِم بِٱلْمَوَدَّةِ ...

وَمَن يَفْعَلْهُ مِنكُمْ فَقَدْ ضَلَّ سَوَآءَ ٱلسَّبِيلِ

"Abange mmwe abakkiriza! Temufuulanga abalabe Bange era balabe bammwe ab'emikwano; - muteeka gye bali omukwano… N'oyo alikikola mu mmwe, mazima aliba abuze okuva ku Kkubo Eggolokofu." (Al-Mumtahinah: 1)

Allāh (SWT) yannyonnyola nti oyo yenna atwala/afuula abalabe ba Allāh okubeera ba Awliyā' – ka babe ab'oluganda be – **"mazima aliba abuze okuva ku Kkubo Eggolokofu."** Amakulu baba bavudde ku Kkubo Eggolokofu (As-Swirātwa Al-Mustaqīm), n'okulilekawo/okulilekulira ne badda ku bubuze. Olwo alamulwa atya – oyo awoza nti ye akyali ku Kkubo Eggolokafu era nti tannaba kulilekulira?! Mazima okwo kubeera kuwakanya Allāh (SWT) Yennyini – era oyo yenna awakanya Allāh (SWT), abeera mukaafiiri (kāfiru). Era ekyo kubeera kufuula ekintu/ekikolwa Allāh (SWT) kye yalangilira okubeera Harām – nti kiri Halāl: nga nakyo kwe kukola omukwano ogw'omunda (Muwālāt) eri abakaafiiri (kuffāru). Era oyo yenna afuula/atwala ekintu kyonna ekiri Harām okubeera Halāl, olwo abeera kāfir (akaafuwadde/mukaafiiri).

Oluvannyuma Allāh (SWT) n'alaga/n'annyonnyola Shubhah (ekyekwaso) ky'abo abakozesa ekyekwaso kya 'abaana n'ab'ennganda', nga bwe yagamba (Ta'āla);

لَن تَنفَعَكُمْ أَرْحَامُكُمْ وَلَآ أَوْلَٰدُكُمْ يَوْمَ ٱلْقِيَٰمَةِ يَفْصِلُ بَيْنَكُمْ وَٱللَّهُ بِمَا تَعْمَلُونَ بَصِيرٌ

"Tebalibagasa ab'ennganda zammwe wadde abaana bammwe ku Lunaku Lw'okuyimirira. Agenda kulamula wakati wammwe: ne Allāh Alaba ebyo byonna bye mukola." (Al-Mumtahinah: 3)

Kyeyoleka bulungi nnyo nti Allāh (SWT) teyakkiriza era takkiriza ekyekwaso kya Khawf (okutiira) embeera y'obutebenkevu/emirembe (safety) ya 'ab'ennnganda n'abaana', yadde ekyekwaso ky'okubaawukanako nti kubeera kukaluubirizibwa. Wabula okwawukanako kw'ekyo, Allāh (SWT) yannyonnyola nti tebagenda kuba ba mugaso ku Lunaku Lw'okuzuukira, yadde okubeera ab'omugaso n'akatono ennnyo ku Ebibonyobonyo bya Allāh (SWT) eby'Olubeerera – nga Allāh (SWT) bwe yagamba mu Āyah endala;

فَإِذَا نُفِخَ فِى ٱلصُّورِ فَلَآ أَنسَابَ بَيْنَهُمْ يَوْمَئِذٍ وَلَا يَتَسَآءَلُونَ

“Kale bw’eriba enngombe ng’efuuyiddwa tewalibeera wakati waabwe ku Lunaku olwo, era tebalibuuzaganya.” (Al-Mu’minūn: 101)

Obujulizi 21: Hadith ya Samurah Ibn Jundub (Radhiallahu ‘Anhu)

Obujulizi okuva mu Sunnah, ye Hadīth eya yogerwa Abū Dāwūd n’abalala, okuva ku Samurah Ibn Jundub (ra) okuva ku Nabbi (SAW) nti yagamba, “Oyo yenna eyegatta ku mushrik n’awangaala naye – olwo mazima alinga ye.” - Abū Dāwūd mu “Sunan” ye (2787), At-Tirmithi mu “Jāmi” ye (1605), Ad-Daylamī mu “Musnad” ye (5756), Al-Bayhaqī mu “Sunan” ye (9/142), mu ngeri y’emu n’okuva ku Al-Hākim mu “Al-Mustadrak” ye (2/141), era yayogerwa mu kitabo kya Marwān As-Samrī ng’awandiika ku At-Twabarānī, nga bwe kisangibwa mu “Al-Mīzān” (4/89), Abū Nu’aym mu “Tārēkh Asbahān” (1/123), ne Shaykh Nāsur-deen Al-Albānī mu “Swahīh Al-Jāmi’” (6062), era yagamba nti Hadīth eyo eri “Hasan” mu “As-Silsilah As-Swahīh” (2330).

Omubaka wa Allāh (SAW) mu Hadīth eno yalangilira n’okulamula n’alamula nti, “Oyo yenna eyegatta ku mushrik” – amakulu oyo yenna eyegatta ku ba mushrikīn, ne yetabula nabo, era n’awangaala nabo –olwo naye abeera nga bo. Olwo butya kw’oyo abalaga omukwano ku ddiini yabwe, n’ababudamya, awamu n’okubayamba (mu kulwanyisa Obusiraamu n’Abasiraamu)!? Shaykh Muhammad Ibn ‘Abdil-Latīf Āl Ash-Shaykh (SAW) yagamba, “Era Nabbi (SAW) yagamba, “Oyo yenna eyegatta ku mushrik n’awangaala naye – olwo mazima alinga ye.”Tekilowoozebwa nti oyo yenna awangala obuwangaazi ne mushrik nti abeera akaafuwadde; Wabula, ekigendererwa (kya hadīth eno) kiri nti oyo yenna atasobola kweyawula okuva mu ba mushrikīn, ne bamukaka okufuluma nabo (okulwanyisa Abasiraamu), olwo alamulwa ky’ekimu nabo (ba mushrikīn), mu kubeera nti kikkirizibwa okumutta n’okuwamba emmaali ye – naye okulamula (hukm) ssi y’emu mu kumukaafuwaza/Takfīr (tabeera mukaafiiri). Naye bw’afuluma awamu n’abakaafiiri okugenda okulwanyisa Abasiraamu, olw’omulugube (gw’edduniya) oba olw’okusalawo/okwagala kwe (nga takakiddwa); oba n’abayamba ye kennyini oba n’emmaali ye – olwo tewali kubusabusa kwonna nti okulamula (hukm) kwe ku kufr (obukaafiiri) we kw’okumu n’okw’aba mushrikīn.” “Ad-Durar As-Saniyyah” (8/456-457), ne mu “Majmū’at Ar-Rasā’il Wal-Masā’il” (2/135).

Olwo bwe bagamba nti, "(Ekyekwaso kyaffe) twaali tutidde (Khawf)" – Bajja kuddibwamu nti, "Mulimba" – era, Khawf si kyekwaso ekituufu. Nga Allāh (SWT) bwe yagamba;

وَمِنَ ٱلنَّاسِ مَن يَقُولُ آمَنَّا بِٱللَّهِ فَإِذَآ أُوذِىَ فِى ٱللَّهِ جَعَلَ فِتْنَةَ ٱلنَّاسِ كَعَذَابِ ٱللَّهِ

"Ne mu bantu mulimu abo abagamba nti: 'Tukkiriza Allāh' Kyokka bwe baba nga banakuwaziddwa ku (lwa) Allāh, bafuula okuwalagganya kw'abantu nga ebibonyobonyo bya Allāh." (Al-'Ankabūt: 10)

N'olw'ekyo Allāh (Tabārak wa-Ta'āla) teyasonyiwa oyo akyuka okuva ku Ddiini olw'akabi, obulabe oba obukosefu obumutuusibbwaako, yadde ku lw'okutya (Khawf). Kati butya kw'oyo atatuusibbwako bulabe/kabi konna yadde okubeera ne Khawf (okutya) – wabula ye n'agenda eri bātil (obwonoonefu/obubuze) olw'okubwagala n'okutya ebizibu n'emitawana.

NB: Imām Ash-Shanqītī (SAW) yagamba mu Tafsīr ye eya Āyah eno "Kyokka bwe baba nga banakuwazibbwa (okukosebwa) ku (lwa) Allāh, bafuula okuwalagganya kw'abantu nga ebibonyobonyo bya Allāh." - amakulu, bwe bakosebwa n'obulabe bw'abakaafiiri ku Basiraamu, "okuwalagganya kw'abantu" bakufuula ekyekwaso ekyo rutaddika ne bava mu Busiraamu – gy'oli obulabe obwo bw'obusinga Ebibonyobonyo bya Allāh eby'olubeerera. "Okuyigganyizibwa kw'abantu" kitegeeza obuvune n'obulabe abakaafiiri bwe babatusaako." Oluvannyuma Imām n'ayongera okuginnyonnyola nga akozesa Āyah eno, okuva mu Sūrat Al-Hajj: 11;

وَمِنَ ٱلنَّاسِ مَن يَعْبُدُ ٱللَّهَ عَلَىٰ حَرْفٍ فَإِنْ أَصَابَهُۥ خَيْرٌ ٱطْمَأَنَّ بِهِۦ وَإِنْ أَصَابَتْهُ فِتْنَةٌ ٱنقَلَبَ عَلَىٰ وَجْهِهِۦ خَسِرَ ٱلدُّنْيَا وَٱلْآخِرَةَ ذَٰلِكَ هُوَ ٱلْخُسْرَانُ ٱلْمُبِينُ

"Ne mu bantu mulimu oyo asinza Allāh nga ali ku ndeboolebo (y'okubusabusa): bwe bumutuukako obulungi atereera ku kwo, naye bwe kamutuukako akabi. Akyukira ku maaso ge (n'ava ku ddiini). Yafaafaaganirwa ensi n'Enkomerero.Okwo kwe kufaafaaganirwa okweyolefu (okusinga obunene)."

OKUFUNDIKIRA

Obujulizi ku nsonga eno nkumu – era obwo obulagiddwa waggulu bumala eri oyo yenna Allāh (SWT) gw'ayagala okulunngamya. Naye ate oyo Allāh (SWT) gw'ayagaliza fitnah n'obubuze, olwo alinga nga Allāh (SWT) bwe yagamba;

إِنَّ الَّذِينَ حَقَّتْ عَلَيْهِمْ كَلِمَةُ رَبِّكَ لَا يُؤْمِنُونَ ﴿96﴾ وَلَوْ جَاءَتْهُمْ كُلُّ آيَةٍ حَتَّى يَرَوُا الْعَذَابَ الْأَلِيمَ

"Mazima abo abaakakatako Ekigambo (Obusungu) kya Omulezi wo, ssi ba kukkiriza.

Newankubadde nga kabajjidde buli kabonero, okutuusa lwe baliraba ebibonerezo ebiruma." (Yūnus: 96-97)

WEETEGEREZE ENSONGA ZINO

Mudārāh ne Mudāhanah

Ba Imām baayawula wakati wa Mudārāh ne Mudāhanah. Okwolesa Mudārāh eri ba mushrikīn kisobola okusonyibwa (okukkirizibwa) singa wabaawo ebyekwaso ebituufu, ebyayogerwaako mu Nusūs (obujulizi/ebitabo). Soma "Ad-Dalā'il" (5/35). Ne "Al-Ghurabā'" (70) ekya Al-Ājurri.

Ekigambo Mudāhanah kyakozesebwa mu Āyah eno n'amakulu ga "okukiriranya";

فَلَا تُطِعِ الْمُكَذِّبِينَ (8) وَدُّوا لَوْ تُدْهِنُ فَيُدْهِنُونَ

"Kale nno togonderanga abalimba (abalimbisa Tawhīd). Baagala nti singa oba mwangu kikkiranya n'obagondera nabo ne bakugondera."(Al-Qalam: 8-9)

Al-Hāfidh Ibn Hajar Al-'Asqalānī yagamba mu "Fat'h Al-Bāri" (10/454) nti: "Al-Qurtubi yagamba yagamba (ku Tafsīr ya Āyah eyo), nga ngoberera 'Iyyādh (omu ku ba Salaf abaatiikirivu): Enjawulo wakati wa Mudārāh ne Mudāhanah ye (eno) – Mudārāh etwaliramu okuwaayo/okwelekereza ensonga y'edduniya olw'obulungi bwa ensonga y'edduniya oba eya eddiini, oba byombiriri mu kiseera ky'ekimu. Ate Mudāhanah kwe okulekulira ensonga y'eddiini olw'okufuna/okukuuma/okusigaza ensonga/ebintu by'edduniya." Era mu (10/58), Al-Qurtubi yagamba bw'ati: "Ibn Battāl yagamba: Mudārāh ky'ekitiibwa kya Abasiraamu (eri Basiraamu bannaabwe), okubeera ow'empisa ennungi eri abantu, okwogera n'empisa gyebali, n'okwewala okwogera n'obukambwe gyebali – era eno y'emu ku ngeri enkulu ennyo ey'okusigala n'okukuuma obumu. Abantu abamu balowooza nri Mudārāh ye Mudāhanah, naye ekyo si kituufu… Enjawulo eri nti Mudāhanah kisibuka mu kigambo Dihān (obukuusa; mu njogera – okusiiga oba okumetta oyiro) – amakulu, omuntu ayolesa ekintu kyonna (mu mpisa), nga bw'akweeka ekyo ekimuli mundawe. Era abamanyi baakinnyonnyola mu ngeri ya - 'omukwano' eri fāsiq (omuntu omujeemu, omukozi w'amazaambi, omwonoonefu), nga kungulu ayolesa okumatira n'okusiima

kwe eri ekyo fāsiq kyaaliko (mu bikolwa n'ebigambo), nga tamuziyiza kintu ekyo.' Sso ng'ate Mudārāh, kwe okubeera omugonvu eri omuntu atamanyi nga bw'omusomesa, oba okubeera omugonvu eri fāsiq (nga Musiraamu) nga bw'omuziyiza obw'onoonefu/obujeemu bwe, awamu n'obutabeera mukambwe gyali mu njogera (ebigambo) oba ebikolwa – n'addala singa ekyo kiba nga kisobola okuleetawo n'okukuuma obumu."

Mukrahu

Ekigambo ekyo kisibuka mu "Ikrāh" - amakulu "obuwaze, okukakibwa, okuwalirizibwa, etc." Omuntu oyo bw'atyo yekka y'asonyibwa olwa Āyah, egamba bw'eti;

مَنْ كَفَرَ بِاللَّهِ مِنْ بَعْدِ إِيمَانِهِ إِلَّا مَنْ أُكْرِهَ وَقَلْبُهُ مُطْمَئِنٌّ بِالْإِيمَانِ وَلَكِنْ مَنْ شَرَحَ بِالْكُفْرِ صَدْرًا فَعَلَيْهِمْ غَضَبٌ مِنَ اللَّهِ وَلَهُمْ عَذَابٌ عَظِيمٌ (106) ذَلِكَ بِأَنَّهُمُ اسْتَحَبُّوا الْحَيَاةَ الدُّنْيَا عَلَى الْآخِرَةِ وَأَنَّ اللَّهَ لَا يَهْدِي الْقَوْمَ الْكَافِرِينَ

"Omuntu awakanya (kufr) Allāh oluvannyuma lw'okukkiriza kwe, okujjako oyo aba akakiddwa (obukakibwa) nga n'omutima gwe guteredde ku bukkiriza – Naye oyo ayanjululiza ekifuba kye (eri) obukaafiiri: Baliko abo okusunguwalirwa okuva eri Allāh. Era balina ebibonyobonyo ebinene. Ekyo lwa kubanga mazima bo bayagalawo obulamu bw'ensi ku (Bulamu) Obw'oluvannyuma. (Ng'ate) ddala mazima Allāh talunngamya kibiina kya bakaafiiri." (An-Nahl: 106-107)

Imām Muhammad Ibn 'Abdil-Wahhāb (rh) yagamba bw'ati ku Āyah eno; "[Oluvannyuma lw'okulaga Āyah eyo] N'olw'ekyo Allāh (SWT) teyasonyiwa muntu yenna okujjako Mukrahu ng'omutima gwe munyweevu ku Īmān ne Tawhīd. Era kimanyikiddwa olw'obwetaavu nti tekisoboka kuwaliriza omuntu kukyuusa enzikiriza ye; naye kisoboka okukyuusa ebigambo bye n'ebikolwa bye. Nabw'ekityo Āyah eno yannyonnyola nti oyo yenna ayogera ekigambo kya kufr, oba n'akola ekikolwa kya kufr – olwo mazima abeera afuuse mukaafiiri – okujjako/wazira Mukrahu oyo nga munyweevu ku Tawhīd mu mutima gwe. Nga bwe kinnyonnyoddwa mu Āyah, afuuka kāfiru kubanga yayagalawo obulamu bw'ensi (Dunyā), ssi lwa kubanga yakyuusa enzikiriza ye." Soma "Tārēkh Ibn Ghannām" (344).

Era ekitabo kya Shaykh Abū Baswīr "Hālāt Yajūzu Fihā Ith'hār Al-Kufr" – amakulu; "Embeera (Ddi) Wekikkirizibwa Okwolesa Obukaafiiri"; "Era emu ku mbeera ezo ye Swahābah Muhammad Ibn Maslamah (rh) bwe yalina okwogeera ebigambo ebivuma ku Nabbi (SAW) alyoke asembere okumpi okusobola okutta Twagūti Ka'b Ibn Al-Ashraf. Nabbi (SAW) n'amukkiriza okubyogera asobole okulimba ba mushrikīn balowooze nti ye (Ibn Maslamah) yali munnaabwe (mukaafiiri

nga bo) – era ekiseera bwe kyaatuuka, omulimu/mission gye y'ali atumiddwa n'agituukiriza (amakulu okutta Twagūtioyo). Era soma ekitabo "Tahrīdh Al-Mujāhidīn Al-Abtwāl 'Alā Ihyā' Sunnat Al-Ightiyāl" ekya Shaykh Abū Jandal (Fāris Az-Zahrāni) Al-Azdi - tusaba Allāh amusaasire yattibwa gye buvuddeko mu kkomera lya ba Twawāghīt ba Saudi Arabia).

Naye ekyo tekitegeeza nti akkirizibwa okuyamba abakaafiiri ku Basiraamu (Muthāharah). Ku lw'obuwaze (Ikrāh), nga ddala mubutuufu buwaze na kukakibwa, olwo kiba kikkirizibwa okwogera ebigambo by'obukaafiiri, n'okukola ebikolwa by'obukaafiiri – ebbanga lye bimala nga tebirimu kukosa/kutuusa obulabe eri Omusiraamu omulala yenna; era bw'ebiba nga birimu okukosa Omusiraamu omulala, olwo kiba tekikkirizibwa okusinziira ku Ijmā' (okwegatta kw'abamanyi) – kubanga takkirizibwa kutta Omusiraamu omulala yenna olw'okutaasa obulamu bwe. An-Nawawi (rh) yagamba, "Ate okutta (Omusiraamu), tekikkirizibwa yadde olwa Ikrāh – okusinziira ku kwegatta kw'abamanyi." [Al-Minhāj Sharh Swahīh Muslim Ibn Al-Hajjāj 18/16-17]. Ibn Rajab Al-Hanbali (rh) yagamba, "Abamanyi beegatta ku ky'okubeera nti singa omuntu akakibwa okutta Omusiraamu – olwo (era) kiba tekikkirizibwa kumutta.Kubanga aba alonzeewo okutta omuntu omulala ye asobole okutaasa obulamu bwe (aleme kuttibwa). Era kino abamanyi baakyegattako nti bubeera bulyazaamanyi bwe nnyi." [Jāmi' Al-'Ulūmi Wal-Hikam 2/371]. Shaykh Al-Islām Ibn Taymiyyah (rh) yagamba nga ayogera kw'abo abaakakibwa aba Tartaaru okubeera nga babayamba ku Basiraamu, "Ne bw'aba nga akakiddwa okulwanyisa (Abasiraamu) mu kiseera kino eky'ebizibu, era takikkirizibwa kubeera nga abalwanyisa. Wabula kimukakato okubeera nga asanyaawo eby'okulwanyisa bye, n'okubeera omugumiikiriza okutuusa nga attiddwa ng'omujulizi (Shahīd) … tewali kubusabuusa kwonna nti kimukakatako, singa aba akakiddwa okubeerawo mu ddwaniro, okubeera nga talwana – yadde nga Abasiraamu bakomekkereza bamusse… mazima ddala takkirizibwa okutta Omusiraamu omulala okusinziira ku kwegatta kw'abamanyi. N'olw'ekyo, singa akakibwa n'okutiisibwa tiisibwa nti ajja kuttibwa okujjako nga asse Omusiraamu omulala – olwo takkirizibwa kutta Omusiraamu omulala olw'okwetaasa ye aleme kuttibwa. Era tekikkirizibwa kuyigganya omukkiriza olw'okutaasa obulamu bwe – aleme kuttibwa."[Majmū' Al-Fatāwā 28/538-539]. Era soma enkomerero ya Sharh ya Shaykh 'Ali Al-Khudhayr (Tusaba Allah amununule okuva mu makomera ga ba Twagūti ba Saudi Arabia) ku "Kashf ash-Shubuhāt", eyitibwa "At-Tawdhīh wa At-Tatimmāt", kubanga ensonga eyo yaginnyonnyolera ddala bulungi.

Dhwālimīn

Ekigambo kino kitegeeza "abo abakola Thulm" – amakulu okuyigganya, obwonoonefu, n'ebilala. Era ne Thulm ekyasinze okubeera embi ennyo yannyonnyolwa mu Āyah;

إِنَّ ٱلشِّرْكَ لَظُلْمٌ عَظِيمٌ

"Mazima, okukola shirk bwe bulyazaamaanyi obunene (obw'ensusso)." (Luqmān: 13)

Ne mu Āyah;

وَلاَ تَدْعُ مِن دُونِ ٱللَّهِ مَا لاَ يَنفَعُكَ وَلاَ يَضُرُّكَ فَإِن فَعَلْتَ فَإِنَّكَ إِذاً مِّنَ ٱلظَّالِمِينَ

"Era tosaba ekyo ekitali Allāh – ekyo ekitakugasa era ekitakuleetera kabi, bw'onooba nga okoze ekyo mazima ggwe ojja kuba ow'omu ba Thwaalimīn." (Yūnūs: 106)

Ne mu Āyah;

وَمَن لَّمْ يَحْكُم بِمَآ أنزَلَ ٱللَّهُ فَأُوْلَئِكَ هُمُ ٱلظَّالِمُونَ

"N'omuntu atalamula n'ebyo Allāh bye yassa: n'abo be ba Thwālimīn." (Al-Mā'idah: 45)

Baghdhwā'

Ekigambo Baghdhwā' kitegeeza; Obukyayi. 'Adāwah: Obulabe. Okukitegeera obulungi soma era weetegereze nga bw'ekiri mu Āyah eya 4 mu Sūrat Al-Mumtahinah;

قَدْ كَانَتْ لَكُمْ أُسْوَةٌ حَسَنَةٌ فِيۤ إِبْرَاهِيمَ وَٱلَّذِينَ مَعَهُ إِذْ قَالُواْ لِقَوْمِهِمْ إِنَّا بُرَءآؤُاْ مِّنْكُمْ وَمِمَّا تَعْبُدُونَ مِن دُونِ ٱللَّهِ كَفَرْنَا بِكُمْ وَبَدَا بَيْنَنَا وَبَيْنَكُمُ ٱلْعَدَاوَةُ وَٱلْبَغْضَآءُ أَبَداً حَتَّىٰ تُؤْمِنُواْ بِٱللَّهِ وَحْدَهُ

"Mazima mwalina eky'okugoberera ekirungi ddala mu (Nabbi) Ibrāhīm n'abo abaali awamu naye, mu kiseera bwe baagamba ekibiina kyabwe nti: Mazima ffe tubaawukanyeeko (era twesambye) ne kw'ebyo bye musinza ebitali Allāh: Tubawakanyizza, era bumaze okweyoleka obulabe n'obukyayi wakati waffe nammwe obw'olubeerera okutuusa lwe munakkiriza Allāh (ali Omu Oyo) Yekka..." (Al-Mumtahinah: 4)

Ekyafaayo kya Swahābah Ammar Ibn Yāsir (Radhiallahu ‘Anhu)

Ekyafaayo kye kyawandiikibwa At-Twabarī (14/184), Al-Hākim mu “Al-Mustadrak” (2/357) era Imām Adh-Dhahabi n’agamba nti kiri “Swahīh”, Al-Bayhaqi mu “As-Sunan Al-Kubrā” (8/208), Abū Nu’aym mu “Al-Hilyah” (1/140), Ibn S’ad mu “At-Tabaqāt” (3/249), ‘Abdur-Razzāq okuva ku Is’haaq Ibn Rāhawayh nga bw’ekiri mu “Nasb Ar-Rāyah” (4/159), Ibn Abi Hātim, Ibn Mardawayh, Ibn Al-Munthir ne Ibn ‘Asākir nga bwe kyajja mu “Ad-Durr Al-Manthuur” (4/132), ne mu kitabo kye (Ibn ‘Asākir) ekirala “Al-Matwālib Al-‘Āliyah” (3/347), ‘Abd Ibn Humayd, Al-Fākihi, Ibn Sīrīn, Abū Al-Mutawakkil ne Qatadah nga bwe kyawandiikibwa Al-Hāfidh Ibn Hajar mu “Fat’h Al-Bāri” (12/312), era mu “Al-Isābah” (7/65), Al-Hāfidh yagamba, “Kya kkaanyizibwaako nti Āyah egamba **“okujjako oyo aba akakiddwa (obukakibwa) nga n’omutima gwe guteredde ku bukkiriza”** yassibwa nga ekwata ku ‘Ammaar.” Ebigambo ebiri mu bitabo ebyo byonna byafunzibwa mu kitabo (ekyavvunulibwa) “Rijaal Hawl Ar-Rasuul” – Abasajja abaali ku Lusegere/Okumpi n’Omubaka” (166-167): “’Ammār teyawulirako nga azikiridde okujjako ku lunako abo abaali bamutulugunya lwe baakozesa obulabe bwabwe bwonna mu kutulugunya n’okuyigganya. Baamwokya n’omuliro, ne bamuteeka ku musenyu ogwokya ogw’eddungu wansi w’amayinja agaali gookya, ne bamunnyika mu mazzi okutuusa nga takyasobola kussa era ebiwundu n’ebinuubule bye ne babisalasala.Ku lunaku olwo, bwe yazirika olw’entiisa eyo, baamugamba, “Yogerayo ekintu ekirungi ku bakatonda (amasanamu) baffe.”Baagenda mu maaso n’okwogera ebintu, bye yaddangamu nga tategeera bye yali ayogera.

Bwe yaddamu okutegeerako akatono oluvannyma lw’okuzirika olw’okumutulugunya, n’ajjukira bye yali ayogedde n’asunguwala nnyo. Okuserera kwe okwo kwa mukalirako nnyo naatuuka n’okukiraba nga ezzambi eryaali teritasobola kusonyiyibwa, nga tasobala kuddirwaamu. Mu kaseera akotono ennyo embeera y’okuwulira nga yali akoze omusango nnaggomola yamuyisa bubi nnyo okutuusa lwe yawulira nga n’okutulugunya kw’aba mushrikeen nga baalinga abamusisiirizaako busisiriza.”Oluvannyuma Allāh n’assa Aayaat zino nga zikwata ku kuddirwamu (okusonyiwa) eri Mukrahu.

Tusaba Allāh, Al-Karīm Al-Mannān, n'Ekisa Kye, atuwangaaze nga tuli Basiraamu, era atutte nga tuli Busiraamu, era atukunnganye wamu n'abalongoofu, nga tetuli mw'abo abaswavu, yadde abo abaagwa mu fitnah; Era y'Asinga Okusaasira mw'abo ab'ekisa/abasaasizi. Era tusaba Allāh (SWT) afukirire ebyengera n'ebilamuso eby'emirembe ku Nabbi waffe Muhammad, ne ku bantu be, ne ku ba Swahābah be bonna okutuusa ku Lunaku Lw'Okulamulwa. Āmīn!

Eno y'enkomerero y'ebigambo bya Imām Sulaymān Ibn 'Abdillah Ibn Muhammad Ibn 'Abdil-Wahhāb, tusaba Allāh (SWT) abasseeko Okusaasira Kwe n'okubasonyiwa amazambi gabwe, abayingize mu Jannāt Al-Firdaws. Era tusaba Allāh (SWT) azitoye emirimu gyabwe emilongoofu ku Mīzān (ku lwa) n'ebitabo byabwe n'okusomesa Tawhīd. Era tusaba Allāh (SWT) abazuukize awamu ne Bannabi, Ab'amazima, Abajulizi n'Abalongoofu. Era tumusaba abawe okuwolerezebwa kw'Omubaka. Era tusaba Allāh (SWT) atuteeke mu ba Mu'minīn, Muslimīn, Muwahhidīn, Hunafā'.

Āmīn.